Omwoyo Omutukuvu Kye Kiki?

. . . kizibu okuba n'olukuŋŋaana. Olukuŋŋaana luno lugenda kuba lwa njawulomukkko ku ezo ze tubeera nazo wano bulijjo. Emirundi egisinga obungi, buli lwe tukuŋŋaana awamu wano, lubeera lukuŋŋaana lwa. . . kuwonyezebwa kwa balwadde n'okusabira ebyetaago eby'omubiri. Essira lissibwa ku ebyo. Naye akawungeezi ka leero tutandika okudda obuggya kuno nga kwa kuwonyezebwa kwa mmeeme, nga gwe—gwe mwoyo gw'omuntu.

Wabula, Mukama bw'anaaba ayagadde, ku makya g'olwa Ssande, mu Ssande sukuulu, ku Ssande ku makya, tujja kuba n'okusabira abalwadde wamu n'olunyiriri lw'okuwonyezebwa lwe tubeera nalwo bulijjo, tujja kuba nalwo ku Ssande ku makya, Mukama bw'anaaba ayagadde. Naye mu biro bya wiiki eno, tulumirizibwa okwogera ku bintu Ebitaggwawo eby'okugasa e—emmeeme.

2 Kaakati, tukimanyi bulungi nti o—omubiri bwe guwonyezebwa, ddala fenna kituwa essanyu, kubanga kituwa okutegeera nti mazima ddala Katonda waffe awonya abalwadde. Naye omuntu oyo abadde omulwadde, ssinga amala n'awangaala ekimala, ob'olyawo ajja kuddamu alwale, kabekasinge endwadde y'emu eyo yennyini gye yali yawona, naye ekyo tekiggyawo kuwonyezebwa kuli. Omusawo asobola okuwa omuntu eddagala lya lubyamira, naye ate ne wayitawo ennaku nga bbiri omuntu oyo n'afa lubyamira nga yaakamala okulangirirwa nti yawonyezeddwa. Obulwadde obwo bumala ne buddamu ne bukukwata. Naye ku ky'emmeeme eyo bw'ewonyezebwa, ofunirawo, munda mu ggwe, Obulamu Obutaggwawo.

3 Era nzikiriza nti tusemberedde nnyo Okujja kwa Mukama waffe Yesu, okutuusa nti kitukakatako okukola byonna bye tusobola okukola okuleeta buli mmeeme eri Obwakababaka, n'okuleeta Obwakababaka eri abantu, tusobole okuwonyezebwa mu myoyo gyaffe. Nzikiriza nti omubiri gwa Yesu gwe mubiri ogusingayo okuba omulwadde gwe mmanyi; ogwo, gwe—gwe mubiri, omubiri gwa Kristo ogw'omwoyo ku nsi, mulwadde nnyo.

4 Naye kati, tetulina kigendererwa kya kubalwisaawo nnyo kuyingira mu kiro, kubanga nga bwe kiri nti ky'ekiro ekisoose tetulina kifo kimala mwe tusobola kutuuza mikwano gyaffe abaagalwa. Tuli ku mulimu ogw'okuzimba ekizimbe

ky'ekkanisa ekipya, ekkuŋŋaaniro eddene wano wennyini ku poloti zino, oba wonna Mukama w'anaatuluŋŋamya okugizimba; naye kye tumanyi mu kiseera kino, weewano.

5 Kati enkuŋŋaana twazitegese nga za kubaawo, okutandika n'Olwokusatu okutuukira ddala ku Ssande. Naye ku Ssande, kwe kunaaba okuwumbawumba nga tugenda mu nnaku z'eggandaalo lya Ssekukkulu, naye ki . . . wonna Mukama w'anaatugamba okukoma, awo we tunaakoma. Tetumanyi biki ebinaavaamu. Naye nga tukkiriza nti abantu ba wano mu kkuŋŋaaniro wamu n'abomu makanisa bwe tukkiriza ekimu (nga, emu ku ago y'eyitibwa e—ekkuŋŋaaniro ly'obutukuvu eri mu Utica, esumbibwa Ow'oluganda Graham Snelling, n'ey'omu New Albany esumbibwa Ow'oluganda—Ow'oluganda Junior Jackson, n'eri ku luguudo olunene esumbibwa Ow'oluganda Ruddell), ffe wano wamu n'ab'omu makanisa ago, bwe tukkiriza ekimu n'ekkuŋŋaaniro lino, tugezaako okuleeta a . . . abantu baffe mu kussa ekimu ne Kristo okusingawo ku kwe babadde nakwo. Ekyo kye kigendererwa kyaffe. N'olw'ensonga eyo nnalonzeewo okusoma awamu n'okuyigiriza, okumala ebiro ebitonotono ebiddako . . .

6 Akawungeezi ka leero njagala okubuulira ku mutwe ogugamba nti: *Omwoyo Omutukuvu Kye Kiki?* Ate akawungeezi k'olwenkya, njagala mbuulire ku: *Lwaki Yatuweebwa?* Ate ku Lwokutaano akawungeezi . . . Kati, eri mmwe abakwata entambi, buno obw'oku Lwokutaano akawungeezi ssaagala bukwatibwe ku ntambi: *Nfuna Ntya Omwoyo Omutukuvu?* era *Mmanya Ntya Nti Mmufunye?* Okuva awo tulyoke tulabe, awo tulabe butya Mukama bw'anaatuluŋŋamya okukola, ku Lwomukaaga ne ku Ssande. Ate olwo ku Ssande ku makya, tubeere n'olukuŋŋaana olw'okuwonyezebwa, n'olukuŋŋaana olulala olw'enjiri ey'awamu ku Ssande akawungeezi.

7 Kati twagala buli omu akitegeere nti . . . Kati weewaawo nkimanyi bulungi nti abakwata entambi z'amaloboozi bino babikwata mu kasenge kali emabega, era twagadde ne kino tukyogere. Kubanga, mu nkuŋŋaana bwe ziti, ez'enjiri ey'awamu, tubeera n'abantu abava mu makanisa ag'ebibiina by'amadiini eby'enjawulo abaayigirizibwa mu ngeri y'enzikiriza zaabwe, buli omu. Era nga ekyo tekirina kabi. Ssaagalangako kuzza musango gwa kusiga kutabulatabula mu baaluganda. Na bwe kityo bwe mbeera ebweru eyo mu nkuŋŋaana, mbuulira ku bintu ebikulu eby'Amazima g'Ebyawandiikibwa, ebyo ab'oluganda abasasulira enkuŋŋaana zange bye bakkiririzaamu. Naye, bwe mba mu kkuŋŋaaniro wano, mba nja—njagala njogere ku ebyo bye tukkiriza. N'olwekyo, bw'o—bw'otaabitegeere, nnaasanyuka bwe nnaafuna ebbaluwa oba akapapula okuva gy'oli, nga olina ky'ombuuza ekikwata ku—ku lwaki tukkiriza bwe tutyo. Era nnaasanyuka okugezaako okukikunnyonnyola mu ngeri esingayo gye nsobola okukikunnyonnyolamu.

8 Omanyi, buli kkanisa, bwe muba temulina njigiriza, temuba kkanisa. Muteekwa okubaako n'ekintu kye muyimiriddeko, nga mulina ennono kwe mutambulira. Naye ssifaayo oba omuntu akolagana na kibiina ki oba kibiina kya ddiini ki, omuntu oyo bw'aba nga yazaalibwa Omwoyo wa Katonda, oyo abeera muganda wange oba mwannyinaze, ssi nsonga . . . Tuyinza okwawukana mu bintu ebirala, nga obuvanjuba bwe buli ewala n'obugwanjuba, naye tusigala tuli baaluganda. Era ssiyinza kukola kintu kyonna okuggyako okugezaako okuyamba ow'oluganda oyo okweyongera okusemberera, awamu n'okutambula ne Kristo mu ngeri esingako obulungi. Era nzikiriza nti, n'Omukristaayo yenna omutuufu era owa nnamaddala nange ajja kunkolera ekintu kye kimu.

9 Kati, nnasabye ekkanisa eno . . . Kaakati, ensonga eno tetugiyingiramu na kigendererwa kya kuba na lukuŋŋaana luwanvu ekisusse. Ensonga eno njagala tugiyingiremu, era njagala, era nnabasabye, mwokye buli lutindo oluli emabega wammwe, mwenenye buli kibi, ensonga eno tusobole okugiyingiramu n'emitima gyaffe gyonna n'obulamu bwaffe bwonna. Tuteekwa okujja wano nga ekigendererwa ekituleese kiri kimu kyokka kwe kuteekateeka emmeeme zaffe olw'Okujja kwa Mukama waffe, era tewali kigendererwa kirala kyonna. Era nga bwe ntera okwogera ne ŋŋamba nti, ob'olyawo olumu nnyinza okubaako ne kye njigiriza oba kye njogera ekiyinza okwawukana n'omulala, bw'akikkiriza. Sa—sajja—ssajja kuleetaawo kutabulatabula, mukiraba, wabula nna—nnajja . . . Ekituleese wano kwetegekera Kujja kwa Mukama waffe. Era ndowooza nti akabinja kano akatono . . .

10 Nninawo wano ab'oluganda abagenyi be mmanyi, abavudde mu bitundu eby'enjawulo, era tusanyuse okuba nabo. Era nkakasa nga n'eyo mu kibiina, waliyo abalala abavudde ebweru w'ekibuga kino, nga bava bweru eyo mu bitundu eby'ebibuga ebituliraanye wano. Era tuli basanyufu okuba nammwe, era tubasiima nnyo nnyini, okuba nti mutwagala obwenkanidde awo okutuusa okuba nti mujja okuwuliriza ebintu bino. Katonda . . . Nsaba bw'onaddayo eka, muganda wange, mwannyinaze, oddeyo n'eby'obugagga ebisingirayo ddala Katonda by'anaafukumula mu mutima gwo, kwe kusaba kwange.

11 Kati eri ekkuŋŋaaniro lino ettono, nga bwe ndaba nzikiriza nti bano be bamu ku bantu abasingayo obulungi be nzikiriza abali ku nsi, bakuŋŋaanira mu kkuŋŋaaniro lino. Kati, ssigambangako nti abantu "bonna" abasingayo obulungi. Naye ŋŋambyenga nti abamu ku bantu abasingayo obulungi ku nsi bakuŋŋaanira mu kkuŋŋaaniro lino. Naye buli lunaku oluyita, nga bafuluma bwe bayingira, okuva mu lukuŋŋaana olumu okudda mu lulala, buli mulundi nneeyongera okulaba ekintu ekisinga obukulu ekkuŋŋaaniro lino kye lyetaaga, ekintu

ekisinga obukulu kye lyetaaga, era nga ekyo kwe kujjuzibwa, oba okwewaayo, eri obulamu obw'obuziba, obw'okutambulira ku lusegere ne Katonda. Era nnabasuubiza nti kino ndikikola, okubategekera Obubaka buno obuddiriŋŋana mbubabuulire. Era tuli basanyufu okubasembeza mutwegatteko mu kussa ekimu nga tugabana ku Kigambo kya Katonda, nga bwe tuyigiriza era nga tugezaako okukirambulula.

12 Kati, ebiro ebisatu ebisooka tetujja kukyusa mutwe gwe tubuulirako, wabula tujja kuba ku Bubaka bwe bumu obw'okuyigiriza okuva mu Kigambo kya Katonda.

Era kati, kubanga, nze kennyini ssaagala kusaba muntu yenna kubaako kintu kyonna ky'akola nga ate nze ssikikola. N'olw'ensonga eyo wiiki eno ebadde Kalivaaliyo yennyini gyendi. Kabuze kata nzi—n'okuzirika nzirike, nga bwe nnyinza okukiyita, kubanga nnatuuse mu mbeera nga n'okwetegeera ssikyetegeera. Naye nnawanikidde ddala ne nneerekereza mu bujjuvu buli kye njagala nga nze, na buli kimu kye mmanyi ne mbiwaayo, eri Mukama.

13 Ekiro kya luli, nga zaakayitawo eddakiika mbale ku ssaawa omukaaga ogw'ekiro, nze ne mukyala wange, nga tumaze okwetegeka, n'okusaba awamu n'okwogera ne Mukama, awo ku kameeza we tufukamira . . . mu ddiiro lyaffe, ne Bayibuli zaffe zombi nga mbikkule, twaddamu ne tuwongayo buggya obulamu bwaffe eri Katonda, ne twewaayo okumuweereza mu bujjuvu, ne tusuubiza okuweerayo ddala bye twagala nga ffe, n'okuwaayo buli kimu, na buli kirowoozo ekimalamu amaanyi, tuweereze Mukama waffe Yesu.

Era nzikiriza nti nammwe, bwe mubadde muwulira, era nti, nammwe mukoze ekintu ky'ekimu. Kale kaakano nga bwe tujja awamu akawungeezi kano, tujja mu kifo ekitukuvu, wakati mu bantu ababadde mu kusaba, n'okusiiba, n'okutereeza ebibadde byasoba, nga beeteekateeka okubaako ne kye bafuna okuva eri Katonda. Era mmanyi nga oyo anajja nga muyala taddeyo nga muyala, wabula Katonda anaamuliisa n'Omugaati ogw'Obulamu.

14 Kaakano, nga tetunnasoma kuva mu Kitabo Kye ekitukuvu, leka tukoteke ku mitwe gyaffe okumala akaseera katono tusabe.

15 Mukama, waliwo essaala eyasabiddwa edda mu kifo kino akawungeezi kano. Wabaddewo . . . ennyimba za Sayuuni ziyimbiddwa abaana Bo. Emitima gyabwe giyimusiddwa. Era twazze wano okwewaayo gy'Oli, wamu n'okukusinza okuviira ddala mu buziba bw'emmeeme zaffe. Era kino tukikujjukiza, ayi Mukama, nti bwe Watuula ku lusozi n'oyigiriza abayigirizwa Bo Wagamba nti, "Balina omukisa abalumwa enjala n'ennyonta ku lw'obutuukirivu, kubanga balijjuzibwa." Wakisuubiza, ayi Mukama. Tujja akawungeezi kano n'emitima emiggule. Tujja,

nga tulumwa enjala n'ennyonta, era tumanyi nga Onaatuukiriza ekisuubizo Kyo.

16 Nga bwe tubikkula emiko gya Bayibuli gino emitukuvu, okusoma okuva mu Yo ebigirimu, tusaba Omwoyo Omutukuvu abisse mu buli mutima. Era leka Ensigo eyo egwe mu kukkiriza okugagga, okw'obuziba okunaayolesa buli kisuubizo kyonna Ekigambo kye kyali kisuubizza. Tuwulire, ayi Mukama, era tulongoose, era otugezese. Era bwe waba waliwo ekintu kyonna ekitali kirongoofu ku ffe, Mukama, ekibi kyonna ekitanneenenyezebwa, oba ekintu kyonna ekitasaanidde, kyerule mu kaseera kano kennyini, ayi Mukama, naffe tunaagenderawo butereevu ne tukitereeza, kubanga tukimanyi bulungi ddala nti tuli mu bisiikirize by'Okujja kwa Mukama waffe Yesu. Era kaakano, Ayi Katonda Omutukuvu, tuzze mu bisiikirize by'obwenkanya Bwo—by'obwenkanya Bwo akawungeezi kano, era twegayirira tufune okwewaayo okuggya, n'okulongoosebwa, awamu n'okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu mu bulamu bwaffe.

17 Nga bwe tulaba omuliro gw'okudda obuggya nga gugenda guseebengerera, leka tugusuuleko enku z'Ekigambo, Kisobole okwakisa omuliro omupya, emitima gyaffe gijjuzibwe n'okuyaayaana okuggya. Tukwegayirira, ayi Mukama, otutukuze, okuyita mu Kigambo Kyo eky'omuwendo n'Omusaayi Gwo, wamu n'ekisa Kyo. Era okusiima kwonna wamu n'ettendo binaaba Bibyo. Emitima gyaffe giggyemu buli akakunkuna konna. Tulongoose, Ayi Mukama. Tuwe emitima emirongoofu, n'engalo ennongoofu, n'endowooza ennongoofu, tusobole okujja awatukuvu Wo, kiro ku kiro, nga tujaguza era nga tujjudde Omwoyo Wo. Kino tukisabye mu Linnya lya Yesu, era ku Lulwe. Amiina.

18 Mu kaseera kano kennyini njagala nsome Ekigambo. Era nga bwe . . . Mbasaba muggyenga ne Bayibuli zammwe, ekkalaamu enkalu, wamu n'empapula, musobole okuwandiika wansi Ebyawandiikibwa. Ekyo bwe muba nga nammwe mukyagala, kinaaba kirungi nnyo. Era kaakano nga bwe mubikkula essuula ey'omu 7 ey'Ebikolwa by'Abatume, gye tuba tutandika nayo; okusobola okwanukula ekibuuzo, manya tutandike nga twanukula ekibuuzo kino nti: *Omwoyo Omutukuvu Kye Kiki?*

19 Tewaliiwo kintu kyonna kiriwangula Ssetaani, era tewabangawo kintu kyonna ku nsi ekyali kiwangudde Ssetaani, nga Ekigambo kya Katonda. Ne Yesu kye yakozesa mu lutalo Lwe olw'amaanyi; n'Agamba nti, "Kyawandiikibwa . . . "

20 Kati enkya ya leero, nzize mpuliriza, okumala ennaku ntono eziyise, pulogulaamu emu mwe babadde bagezaako okulaga nga obutonde bwe bwava obuvi mu vvu ery'enkula emu eryasaasaana okuva awantu awamu ne lijja ne lyekuŋŋaanya, ne lyegatta n'ekirungo kya fosifeeti, n'ebirungo ebirala ebisangibwa

mu ttaka, n'akasana akabuguma mbu ne bikola akaweke ak'obulamu akaavaamu obulamu. Ekyo nga kiba kya buzoole nnyo! Kubanga tukimanyi bulungi nti, akasana ate katta bussi akaweke konna ak'obulamu. Ggwe ddira akaweke ak'obulamu okateeke mu musana, gujja kukattirawo mbagirawo. Ate tewali kintu kya ngeri eyo; wabula Ssetaani y'agezaako okunsoomooza. Kale bwe nnamaze okutwala kawala kange akato ka Rebekah ku ssomero enkya ya leero, nnabadde nkomawo, ne njagala okuteekako leediyo nate; naye muli ne ndowoozaamu nti ob'olyawo nnandiddamu ne nsanga pulogulamu y'emu eyo, kale leediyo kye nnavudde ngiggyako.

Naye mba nnyambuka mu kkubo, Ssetaani kwe kwogera nange, n'aŋŋamba nti, "Naye okimanyi nti Omusajja ono gw'oyita Yesu naye yali muntu buntu eyaliwo, mu biro Bye, nga bw'olaba Billy Graham oba Oral Roberts? Yali muntu buntu abantu ab'olubatu gwe baatandika okwekuŋŋaanyizaako n'okugamba nga bw'Ali Omusajja ow'amaanyi, era bwe waayita akaseera n'Afuuka wa maanyi nnyo n'okusingawo, ekyavaamu n'abafuukira ka—katonda. Era kati kasookedde Afa, kyabuna wonna mu nsi yonna, kye kyokka tewali kirala."

21 Muli ne ŋŋamba nti, "Nga oli mulimba!" Awo ne mpeta nga nnaatera okusala oluguudo lwa Graham Street. Ne ŋŋamba nti, "Ssetaani, ggwe ayogera eri ebirowoozo byange, nange njagala mbeeko ebintu ebitonotono bye nkubuuza: Yali ani Oyo bannabbi Abaebbulaniya gwe baayogerako nti yali wa kujja? Masiya eyafukibwako amafuta yali Ani? Kyali kiki ekyo ekyali ku basajja abo abaamulabirawo nga tannaba na kuzaalibwa ne bawa obunnabbi obukwata ku bulamu Bwe, emyaka nkumi na nkumi nga tannaba kujja? Yali ani oyo eyabiragula ate ne bituukiririra ddala nga bwe byalagulwa? Okutuusa okuba nti ne bwe Yajja, baali baalagula ne bagamba nti, 'Yabalirwa wamu n'aboonoonyi,' era ddala bwe Yali. 'Yafumitibwa olw'okwonoona kwaffe,' era ddala Yafumitibwa. 'Yaziikibwa wamu n'abagagga, naye alizuukira, ku lunaku olw'okusatu' era Yazuukira. N'ekirala Yasuubiza n'Omwoyo Omutukuvu, era Omwoyo Omutukuvu oyo nnamufuna. Kati kisingako Ekyo n'okyesonyiwa, kubanga kyawandiikibwa mu Kigambo, era buli Kigambo kya mazima." Awo kwe kunviira. Ggwe muwe buwi Ekigambo, kye kimugoba. Tasobola kwesimba mu Kigambo ekyo, kubanga kyaluŋŋamizibwa.

Ka tutandike okusoma akawungeezi kano mu ssuula ey'omu 7 ey'Ekitabo ky'Ebikolwa by'Abatume.

Kabona asinga obukulu n'ayogera nti, Ebyo bwe biri bwe bityo?

Sutefaano n'agamba nti, Abasajja ab'oluganda era ssebo*, muwulire; Katonda ow'ekitiibwa yalabikira*

jjajjaffe Ibulayimu ng'ali e Mesopotamiya, nga tannabeera Kalani,

N'amugamba nti, Va mu nsi yannyo, ne mu kika kyo, ogende mu nsi Nze *gye ndikulaga.*

Awo n'ava mu nsi y'Abakaludaaya, n'abeera mu Kalani: oluvannyuma, kitaawe bwe yamala okufa, n'amuggyayo n'amuleeta mu nsi eno, mwe mutudde mmwe *kaakano.*

So teyamuwa butaka muno, newankubadde, awalinnyibwa ekigere: n'asuubiza okugimuwa okugirya, ye n'ezzadde lye oluvannyuma lwe, nga tannaba na mwana.

. . . Katonda n'ayogera bw'ati, Ng'ezzadde lye baliba bagenyi mu nsi y'abalala; balibafuula abaddu, balibakolera obubi okumala *emyaka bikumi bina.*

N'eggwanga eriribafuula abaddu nze ndisala omusango gwalyo, bw'ayogera *Katonda: n'oluvannyuma balivaayo balinsinziza mu* nsi *eno.*

N'amuwa endagaano ey'okukomola: awo Ibulayimu n'azaala *Isaaka, n'amukomolera ku lunaku olw'omunaana; ne Isaaka* n'azaala *Yakobo; ne Yakobo* n'azaala *bajjajja abakulu ekkumi n'ababiri.*

22 Wano wennyini, we twagala okutandikira eky'okuyigako kino, kye ndowooza okuba enti ky'eky'okuyigako ekikulu ennyo leero, ekya . . . *Omwoyo Omutukuvu Kye Kiki?* Kye kiki? Era, kati, ensonga endeetedde okuyigiriza ku ky'okuyigako kino mu ngeri eno ey'omuddiriŋŋanwa, eri nti tosobola kujja n'ofuna Mwoyo Mutukuvu okuggyako ng'omanyi ky'Ali. Era tosobola kumufuna, yadde nga otegedde ky'Ali, okuggyako nga okkirizza nti Yakuweebwa, era Wuwo. Kati, n'ekirala, tosobola kutegeera oba Omulina, oba nedda, okuggyako nga otegedde ebyo by'Aleeta mu bulamu bwo bw'omufuna. N'olwekyo bw'onaategeera ky'Ali, n'ani gwe Yaweebwa, ne biki by'Aleeta nga Azze, olwonno ojja kumanya ky'onaaba olina bw'onaaba omaze okumufuna. Olaba? Ekyo kiba kimala.

23 Nga bwe nnabadde njogera n'Ow'oluganda Jeffries leero, n'aŋŋamba nti, "Nnandyagadde okubeera mu lukuŋŋaana akawungeezi ka leero, naye nja kubeerayo enkya akawungeezi." Yabadde tamanyi nti enkuŋŋaana zigenda mu maaso, kubanga tetwazirangirira; okuggyako eri abo bokka abeetoolodde okumpi ne wano. Abamu ku . . . Ow'oluganda Leo ne banne baliko mikwano gyaffe abatonotono be baawandiikira ne babategeeza, abava ebweru w'ekibuga. Nga, ekyo kyava ku butaba na kifo kimala wa kutuuza bantu.

24 Kati nnamugambye nti, "Ow'oluganda Jeffries, ssinga ontuma okugenda okusumulula olumu ku nzizi zo ez'amafuta,

nga eby'engeri gye lukolamu sirina kye mbimanyiiko yadde, ob'olyawo ate nnyinza kulwokya bwokya. Nnyinza okunyoola ekisumuluzo ekikyamu oba ne nteekako yingini eteetaagisa kussaako. Kyandibadde kinneetaagisa okusooka okutegeera engeri gye nnina okukikolamu nga ssinnakikola."

Kati n'okufuna Omwoyo Omutukuvu bwe kutyo bwe kuli. Oteekwa okumanya ky'ojjirira okufuna kye kiri, n'engeri y'okumufunamu, ne kiki ky'Ali.

Kaakati, ekisookera ddala, Omwoyo Omutukuvu yasuubizibwa okutuweebwa.

25 Tuyinza okumalako wiiki kkumi nnambirira naye ne tuta . . . ne tutasukka ku mugo gwa kyakuyigako kino, ekya kiki Omwoyo Omutukuvu ky'ali. Naye, okusooka, njagala nkitandikeko nga nkoona ku nsonga enkulu ezikirimu buli kawungeezi, awo ndabe oba nga akawungeezi k'olunaku oluddako wanaabaawo ebibuuzo byonna.

26 Bameka ku bali wano abatannafuna Mwoyo Mutukuvu, nga tobatizibwanga na Mwoyo Omutukuvu? Muyimuse emikono gyammwe, nga omanyi nti tomufunanga. Laba emikono egyo gyonna.

Kaakati njagala okumwogerako, nga Omwoyo Omutukuvu bw'ali akabonero, kubanga ddala Omwoyo Omutukuvu kabonero akaawula. Tukimanyi bulungi nti—nti ebisuubizo byonna ebyatuweebwa byatuweebwa kuyita mu . . . Ibulayimu ye yali kitaawe w'ekisuubizo, kubanga Katonda yawa Ibulayimu ekisuubizo awamu n'Ezzadde lye eryamuddirira. Ekisuubizo kyakolebwa "eri Ibulayimu n'eri Ezzadde lye." Era akabonero kano kaaweebwa eri abantu ab'endagaano.

27 Kaakati, waliwo enjawulo nnene nnyo wakati w'Omukristaayo kyokka n'Omukristaayo eyajjula Omwoyo Omutukuvu. Era kati kino tugenda kukiggya mu Byawandiikibwa, ate era tukisimbire ddala mu Byawandiikibwa. Ekisookera ddala, waliwo Omukristaayo ayatula nti Mukristaayo. Naye Omukristaayo ono bw'aba tajjuzibwanga na Mwoyo Mutukuvu, aba akyali mu lugendo olw'okufuukira ddala Omukristaayo. Okiraba? Aba ayatula bwatuzi nti akkiriza Omwoyo Omutukuvu; era waliwo kyali mu kukola asobole okumufuna, naye Katonda aba tannamuwa Mwoyo ono, Omwoyo Omutukuvu. Eri Katonda abeera tannatuuka wali awaluubirirwa, Katonda w'atuuka n'aba nga amukkirizza.

28 Ensonga eri, nti, Katonda okukola endagaano ne Ibulayimu, yagikola luvannyuma lwa kuyitayo Ibulayimu, nga ky'ekifaananyi ekyoleka okuyitibwa kw'omukkiriza olwa leero.

Yayita Ibulayimu, era Ibulayimu n'asenguka okuva mu nsi ye n'agenda mu nsi endala, atandike okubeera mu bantu b'atamanyi, era nga ekyo kyali kyoleka engeri Katonda gy'ayita

omuntu alekere awo okubeera ow'ettima, yeenenye ebibi bye. Olwo omuntu oyo n'ava mu kibiina ky'abantu baabaddemu, atandike okubeera mu kibiina ekipya, mu kika ky'abantu ekipya.

Kati oluvannyuma nga Katonda amaze okukizuula nti Ibulayimu mwesigwa eri ekisuubizo Katonda kye yamuwa, nti yali wa kuzaala omwana, era nga okuyita mu mwana ono amawanga gonna mwe galiweerwa omukisa, Katonda yakakasa okukkiriza kwe nga amuwa akabonero, era akabonero ako kwali kukomolebwa. Era okukomolebwa kye kifaananyi ekyoleka Omwoyo Omutukuvu.

29 Ennyiriri zennyini eziddako ez'essuula eno gye twakasoma, bwe muba mwandyagadde okuziwandiika. Era ne . . . Suteefano agamba, mu lunyiriri olwa 51 nti:

> *Mmwe* abalina ensingo enkakanyavu . . . *abatakomolebwa mu mitima ne mu matu,* mmwe *muziyiza bulijjo Omwoyo Omutukuvu: nga bajjajja bammwe, nammwe bwe* mutyo.

30 Okukomolebwa kifaananyi ekyoleka Omwoyo Omutukuvu. N'olwekyo Katonda yawa Ibulayimu aka—akabonero ak'okukomolebwa nga amaze okukkiriza Katonda nga ekisuubizo Kye bwe kyali kigamba n'afuluma n'agenda mu nsi etali y'ewaabwe. Mukiraba? Kaali kabonero akaawula.

Era abaana be bonna, n'ezzadde lye lyonna, bateekwa okuba n'akabonero kano mu mibiri gyabwe, kubanga ke kaali kabaawula ku balala bonna. Kaali ka kubaawula ku bantu abalala bonna, akabonero kano ak'okukomolebwa.

31 Era ako Katonda k'akozesa leero. Ke kabonero ak'okukomolebwa kw'omutima, Omwoyo Omutukuvu, y'aleetera Ekkanisa ya Katonda okuba Ekkanisa enjawule ku ndowooza endala zonna enjiiyirize, enzikiriza ezitali zimu wamu n'ebibiina by'amadiini. Basangibwa mu bibiina by'amadiini byonna ebya buli ngeri, naye bantu abaayawulwa. Leka njogereko n'omusajja okumala eddakiika bbiri bwe ziti, nja kusobola okukugamba oba yafuna Omwoyo Omutukuvu oba nedda; era naawe osobola okukimanya. Kabaawula. Kabonero ak'enkukunala. Kabonero akaawula. N'olwekyo Omwoyo Omutukuvu kabonero akaawula. Era ka . . .

Omwana yenna eyagaananga okukomolebwa mu Ndagaano Enkadde, ekyo nga kyali kifaananyi ky'okufuna Omwoyo Omutukuvu, yaboolebwanga mu bantu. Yabanga tasobola kussa kimu n'abasigadde bonna mu kibiina, ssinga yagaananga okukomolebwa.

Kaakati ekyo kifaananyirize ne leero. Omuntu agaana okufuna okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, tasobola kussa kimu n'abo abalina Omwoyo Omutukuvu. Tosobola kukikola. Oteekwa okubeera n'obutonde bwe bumu. Nga, bwe . . .

32 Mmange yateranga okugamba nti, "Ebinyonyi ebifaanaganya ebyoya bibuukira wamu." Weewaawo, lugero lwa dda, naye lutuufu. Tosobola kulaba mayiba nga gassa kimu ne nnamuŋŋoona. Tebirya mmere y'emu. Byeyisa mu ngeri ya njawulo. Byagala ebintu bya njawulo.

Era ekyo kye kibaawo wakati w'ensi n'Omukristaayo bw'omala *okukomolebwa* Omwoyo Omutukuvu, ekitegeeza "okusalako omubiri."

33 Okukomolebwa kwakolebwanga ku basajja bokka. Naye omukazi bwe yasangibwanga nga yafumbirwa omusajja, omukazi oyo yabanga kitundu ku musajja oyo, n'olwekyo naye yabanga mukomole kubanga yabanga kitundu ku musajja. Mujjukira, mu Timoseewo, we Kyogerera nti, "Naye anaalokokanga mu kuzaala, bw'anaanyiikiranga mu kukkiriza n'okwagala n'obutukuvu awamu n'okwegendereza."

34 Kaakati, okukomolebwa. Mumanyi nga . . . Saala yaseka mu weema emabega we, nga asekerera obubaka bwa Malayika, bwe Yagamba nti, "Ibulayimu," nga n'okumumanya tamumanyi, nga mugenyi, "mukyala wo aliwa, Saala?" Yamanya atya nti yalina omukyala?

35 Nga Yesu bwe yagamba nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Mujjukire nti, obubonero obwo tebwakolebwa mu maaso ga Sodoma ne Gomola, mu nsi, mu b'amadiini. Wabula bwakolebwa mu maaso g'Omulonde, eyayitibwa okufulumayo. Era Ibulayimu yali yayitibwa okufulumayo. N'ekigambo *kkanisa* kitegeeza "abo abaayitibwa ne bafulumayo; era abaayawulibwa," nga Ibulayimu bwe yeeyawula era n'akomolebwa.

Kati Saala bwe yasekerera obubaka bwa Malayika bwennyini, Katonda yandimuttiddewo awo mbagirawo; naye Yali tasobola kukwata ku Saala awatali kukwata ku Ibulayimu, kubanga bombi baali omu. Saala yali kitundu ku Ibulayimu. "Kati temukyali babiri, wabula muli omu."

36 N'olwekyo, okukomolebwa, Omwoyo Omutukuvu leero akomola mutima. Era kabonero akaawula, kabonero akakuweebwa.

Luli waliwo eyagamba . . . Kino nkiddiŋŋana buddiŋŋanyi, si nga eky'okusaaga. Kubanga, ddala mazima, newankubadde gawulikika nga eky'okusaaga. Nga bulijjo bwe ŋŋamba nti, kino si kifo kya kusaagiramu. Naye waaliwo Omugirimaani erudda eri ku Lubalama olw'Ebugwanjuba, gye twakava. Yafuna Omwoyo Omutukuvu. N'atambula mu luguudo, nga agira n'atambulako akabanga, n'ayimusa emikono gye n'ayogera mu nnimi. Nga bw'agira n'afubutuka n'adduka, n'abuuka mu bbanga, n'awoggana. Ne ku mulimu gy'akolera, era yali akyakola bw'atyo, ekyavaamu mukama we kwe kumubuuza nti, "Obadde wa?" Uh-huh. Njagala nnyo ebifo ebyo gy'obadde.

Mukama we n'amugamba nti, "Oteekwa okuba wabaddeko emmanga eri mu kibinja kya bali abaasumulukako nnatti."

N'agamba nti, "Obayise nnatti ensumulukufu?"

Mukama we n'addamu nti, "Ddala, kye bali."

37 N'agamba nti, "Kale, Mukama atenderezebwe olwa nnatti ensumulukufu!" N'amubuuza nti, "Naye obadde okimanyi? Nnatti zirina omulimu gwa maanyi nnyo ddala gwe zikola." N'agamba nti, "Eky'okulabirako, emmotoka, ssinga ogiggyamu nnatti zonna, tojja kusigaza kirala kyonna wabula 'ekiwowongole ekyereere.'" Kati ekyo ddala kituufu.

38 Obeera wa njawulo nnyo Omwoyo Omutukuvu bw'akukkako, okutuusa nti abalina endowooza y'ensi eno babeera tebakwagala, nga bakulwanyisa, era nga tebaagala kuba na kakwate naawe, yadde. Obeera ozaaliddwa mu Nsi endala. Obeera mugwiira nnyo gye bali, nga ofuuse mugwiira emirundi kkumi okusinga bwe wandibadde, ssinga obeera ogenze mu bitundu ebisinga okuba eby'ewala eyo mu bibira by'omu Afirika. Ofuuka wa njawulo Omwoyo Omutukuvu bw'ajja, era Abeera kabonero akaawula. Abeera bulambe obukwawula mu bantu abalala.

39 Kati, oyinza okumbuuza nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, akabonero ako ak'okukomolebwa tekaaweebwa Ibulayimu?" Ekyo kituufu. "N'eri Ezzadde lye?" Weewaawo.

40 Kale, kati tugenda kubikkula mu Abaggalatiya, essuula ey'oku 3, olunyiriri olwa 29, tulabe ekyo naffe bwe kitukwatako. Abaggalatiya 3:29, tulabe engeri okukomolebwa kuno gye kukwata ku w'Amawanga, bwe tuba nga tuli B'amawanga; era nga kye tuli, okusinziira ku kuzaalibwa kwaffe okw'omubiri.

Kati, okusooka, njagala nsome olunyiriri olw'e 16.

> Ebyasuubizibwa *byagambibwa Ibulayimu n'omuzzukulu we*. (Ibulayimu n'ezzadde lye!) Tayogera *nti, n'eri abazzukulu,* . . .

Nga omuntu omulala yenna . . . bw'ayinza okugamba nti, "Ha, nange, ndi omu ku bazzukulu ba Ibulayimu." Nedda. Eri "Omuzzukulu," Omuzzukulu wa Ibulayimu!

> . . . Tayogera nti *n'eri abazzukulu, nga bangi; naye ng'omu nti, N'eri—eri* bo . . . *N'eri omuzzukulu wo, ye Kristo*.

41 Kristo ye yali Ezzadde lya Ibulayimu. Ekyo mukikkiriza? Kale, kati leka tusome olunyiriri olw'a 28 n'olw'a 29.

> *Tewali Muyudaaya, newankubadde Omuyonaani,* tewali *muddu newankubadde ow'eddembe,* tewali *musajja* oba *omukazi: kubang*a ffe *ffenna tuli omu mu Kristo Yesu.*

Era mmwe bwe muli aba Kristo, kale *muli zzadde lya Ibulayimu,* era *muli basika ng'okusuubiza bwe kwali.*

Tufuuka tutya "Ezzadde lya Ibulayimu"? Bwe tubeera mu Kristo, awo tubeera Zzadde lya Ibulayimu. Kati Ezzadde lya Ibulayimu kiki kye lyali? Nga, bwe tuyinza okweyongerayo mu Baruumi 4 n'ebifo ebirala eby'enjawulo.

Ibulayimu ekisuubizo teyakifuna nga amaze kukomolebwa. Okulaga nti okukomolebwa kyali kifaananyi bufaananyi ekirina kye kyali kyoleka, ekisuubizo kyamuweebwa *tannaba* kukomolebwa. Era kyali kifaananyi ekiraga, nti okukkiriza kwe kwe yakkiriza nga tannaba kukomolebwa kwali kukkiriziddwa.

42 Kati, bwe tubeera mu Kristo, tufuuka Ezzadde lya Ibulayimu era tubeera basika awamu ne Kristo, n'olwekyo, ekyo kye tuli si nsonga, oba Muyudaaya oba W'amawanga.

Ate, "Ezzadde lya Ibulayimu," Ezzadde lya Ibulayimu lirina okukkiriza kwa Ibulayimu, oyo atwala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kiba kigambye. Ne bwe Kiwulikika kitya nga eky'obuzoole, ne bwe kikuleetera okweyisa mu ngeri etali ya bulijjo, ne bwe Kikuleetera okulabika nga atategeerekeka, otwala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kigamba ka kibe kiki.

43 Ibulayimu ku myaka nsanvu mu etaano, ne Saala nga wa myaka nkaaga mu etaano, yatwala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kyali kigambye, n'ayita buli kimu kyonna ekyali kikontana nakyo nga ekitaliiwo. Olowooza abasawo kiki kye baalowooza, ab'omu biseera ebyo? Olowooza abantu kiki kye baalowooza, bwe baalaba omusajja omukadde, ow'emyaka nsanvu mu etaano, nga agenda atendereza Katonda, nga agamba nga "bw'agenda okuzaala omwana" mu mukyala we, nga ate mukyala we wa myaka nkaaga mu etaano, nga asussizza emyaka abiri mu etaano okuva ku egyo kwe bakoma okuzaala? Naye, omanyi, okukkiriza kwa Ibulayimu, kukuleetera okukola ebintu ebitategeerekeka.

44 Era bw'okomolebwa Omwoyo Omutukuvu, naawe Akukola ekintu kye kimu. Akuleetera okukola ebintu by'otalowoozangako nti oyinza okubikola. Akuleetera okutwala ekisuubizo kya Katonda n'okukkiriza Katonda.

45 Kaakati, ekirala Omwoyo Omutukuvu, nga oggyeeko o—okuba ekisuubizo n'akabonero akakwawula, Omwoyo Omutukuvu oyo nvumbo. Kati njagala mubikkule nange mu Baruumi. Okusooka, njagala mubikkule tugende mu Abaefeeso 4:30, era leka tubeeko ne kye tusoma wano katono. Abaefeeso 4:30 wagamba bwe wati.

Kati, mwali muwulidde ku bantu bangi nnyo nga balina ebintu bingi eby'enjawulo bye bayita envumbo. "Bw'ogenda mu kkanisa, ofuna envumbo y'ekkanisa." Ate abamu ne bagamba nti, "Kwe kukwata olunaku gundi, olunaku lwa ssabbiiti, mbu eyo—eyo ye nvumbo ya Katonda." Abamu ku bo bagamba nti, "Bwe tuteeka obwa mmemba bwaffe mu kibiina ky'eddiini

gundi, mbu olwo tuba tusibiddwako envumbo nga tusibiddwa munda mu Bwakabaka bwa Katonda."

46 Kati, Bayibuli egamba nti, "Leka ekigambo kya buli muntu bubeere obulimba, naye ekya Katonda gabeere Mazima." Kati, Abaefeso 4:30 wasoma bwe wati:

> *So temunakuwazanga Mwoyo mutukuvu owa Katonda, eyabateesaako akabonero okutuusa olunaku olw'okununulibwa.*

47 ŋŋenda kukambuwalamukko katono ku kino kati, nkikkaatirize. Kaakati, mmwe ab'oluganda abatambulira ku mateeka musooke mukkakkane katono. Olaba? Mwekkaanyizza ebbanga envumbo eyo ly'emala nga ekyaliko? Si kutuuka ku kudda obuggya okuliddako, oba okutuusa lwe walibaawo ekikyamu ekigwawo. "Okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwo" eryo ly'ebbanga envumbo ekusibibwako ly'emala. "Okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwo," nga onunuddwa okugenda obeere ne Katonda, obwo bwe buwanvu bw'ekiseera envumbo y'Omwoyo Omutukuvu ly'emala nga ekuliko. Ssi kuva ku lukuŋŋaana olumu okutuuka ku lulala; wabula okuva mu Butaggwaawo okutuuka mu Butaggwaawo, obeera osibiddwako envumbo y'Omwoyo Omutukuvu.

Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali, Ye nvumbo ya Katonda, ekakasa nti Azudde. . . olabye ekisa mu maaso Ge, era Akwagala, era Akukkiriza, ky'Avudde akussaako envumbo Ye. Envumbo etegeeza ki? Omuntu yenna. . . Ddala, *envumbo* eraga oba etegeeza "omulimu oguwedde." Amiina. Katonda yakulokola, n'akutukuza, n'akulongoosa, n'akulaga okuganja, era akussizzaako envumbo. Amalirizza. Oli mulimu Gwe oguwedde okukolebwako okutuuka ku lunaku lw'okununulibwa kwo. Ekintu ekiteereddwako *envumbo* kibeera "kintu ekiwedde."

Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Kabonero akaawula. Ekyo tujja kukikwatako oluvannyumako, mu Bubaka obulala, akabonero Pawulo ke yayogerako. Okwogera ennimi kaali kabonero eri abakkiriza, manyanga abatakkiriza.

48 Kati mwekkaanye, naye, mu kino, Omwoyo Omutukuvu kabonero akaawula. Manya. . . Ekirala Omwoyo Omutukuvu nvumbo. Ke kabonero akaawula Katonda ke yawa abaana Be abalonde. Okumugaana, kitegeeza kusalibwa ku bantu; ate okumufuna, kitegeeza kuba nga ebibyo n'ensi bikomye wamu n'ebintu by'ensi byonna, era kwe kuba omulimu oguwedde okukolebwako Katonda gw'ataddeko envumbo y'obukakafu.

49 Nnakoleranga ku luguudo lw'eggaali y'omukka wano eno ne Harry Waterberry, era twagendanga okutikka ebintu mu kyana ky'eggaali y'omukka. Muganda wange, Doc, ayimiridde emabega wali, akola gwa kutikka bintu mu byana bya ggaali y'omukka. Ekyana ekyo bwe kiba kitikkiddwa, omukebezi,

ekyana ekyo akyekebejja, era bw'asanga ekintu kyonna ekitali kinywevu, nga kiyinza okugwa ne kyatika, oba ekintu kyonna ekiyinza okwonoona ebirala; ekyana ky'eggaali y'omukka ekyo takiteekako nvumbo okutuusa nga kipakiddwa ne kiggumira bulungi, okutuusa nga kipakiddwa ddala ne kiggumira nga n'ebikirimu bipangiddwa bulungi, kibeere nti okwesuukunda kw'eggaali y'omukka tekujja kukosa bintu biri munda.

50 Eyo y'ensonga etera okutuviirako obutasibwaako nvumbo mangu; tulagaya mu bintu bingi. Omukebezi bw'ayitaayitamu, okwekebejja obulamu bwo, okulaba oba tolagaya mu bintu ebimu, tolagaya mu bulamu bwo obw'okusaba, tolagaya mu nsonga y'okufuga obusungu bwo, tolagaya mu ngeri gy'okozesaamu olulimi lwo, okwogera ku balala, ekyana ekyo Talikissaako nvumbo. Emize emicaafu, ebintu eby'obugwagwa, endowooza ejjudde obuseegu, ekyana ekyo Tasobola kukisibako nvumbo.

Naye bw'Asanga nga buli kimu kiri mu kifo kyakyo mwe kirina okuba, Omukebezi, olwo nga Akissaako envumbo. Tekatanda omuntu yenna okumenya envumbo eyo nga ekyana ekyo tekinnatuuka gye kiraga! Ky'ekyo. "Temukwatanga ku bafukeko amafuta Bange; so temukola bannabbi Bange akabi konna. Kubanga mbagamba nti, kisingako n'osibwa olubengo mu bulago bwo, n'osuulibwa mu buziba bw'ennyanja, okusinga okugezaako okwesittaza oba okunyeenya omu ku bato bano abaliko envumbo." Mulaba kye kitegeeza?

51 Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali. Ye bukakafu bwo. Ye bukuumi bwo. Ye mujulirwa wo. Ye nvumbo yo. Ke kabonero ko akakwawula, nti, "Njolekedde Ggulu. Sifaayo ssetaani ky'ayogera! Njolekedde Ggulu. Lwaki? Yanteekako envumbo. Omwoyo Omutukuvu Yamumpa. Yansibako envumbo n'ansibira munda mu Bwakabaka Bwe, era njolekedde mu Kitiibwa! Emiyaga ka gikunte, Ssetaani ka akole kyonna ky'ayagala okukola. Katonda yansibako envumbo okutuusiza ddala ku lunaku olw'okununulibwa kwange." Amiina! Omwoyo Omutukuvu ekyo ky'ali. O, osaanye oyaayaanire okumufuna. Nnali ssisobola kubaako na we ntuuka nga ssimulina. Bingi ebyandyogeddwa ku nsonga eyo, naye nkakasa nga kye njogerako mukimanyi.

52 Kati, era, leka tubikkuleko ne mu Yokaana 14, katono. Njagala nnyo Ekigambo! Ge Mazima.

53 Kaakati, Omwoyo wa Katonda, Omwoyo Omutukuvu, Omwoyo Mutukuvu kye kiki? Ye Mwoyo wa Kristo nga ali mu ggwe. Kati, nga tetunnasoma, njagala mbeeko ebigambo ebitonotono bye nkoonako wano. Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Nvumbo. Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Ndagaano. Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Kabonero akakwawula. Ate kati Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Ye. . . Mwoyo wa Yesu Kristo

nga ali mu ggwe. Okiraba? "Esigadde akaseera katono," Yesu bwe yagamba, "ensi ereme kuddamu kundaba; naye mmwe mulindaba, kubanga Nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Omwoyo wa Katonda nga ali mu Kkanisa Ye!

54 Nga waaki? Yaweebwa ku lwa nsonga ki? Kuno kulozaako katono ku ky'okuyigako eky'akawungeezi k'olw'enkya. Naye Yawa waaki? Lwaki Yamuwa, lwaki Omwoyo Omutukuvu lwaki. . . Kiki, Yajja kukola ki? Yajja kukola ki mu ggwe, Yajja kukola ki mu nze? Yajja asobole okweyongera mu maaso nga akola emirimu gya Katonda.

55 "Bulijjo Nkola ebyo ebisanyusa Kitange. Ssajja kukola bye njagala Nze ku Bwange, wabula ebya Kitange eyantuma. Era Kitange eyantuma ali Nange; era nga Kitange bwe yantuma, nange bwentyo Mbatuma mmwe." O, bannange! Kitaawe yamutuma, era n'ayingira munda mu Ye. Kitaffe eyatuma Yesu yajja n'ayingira mu Ye, n'amukoleramu.

Ne Yesu oyo akutuma, agenda naawe era ali mu ggwe. Era bw'aba nga Omwoyo oyo, bwe yali mu Yesu Kristo, yamuleetera okukola n'okweyisa nga bwe Yeeyisa, ekyo kikuwa ekifaananyi ekituufu eky'engeri gy'Anaakolamu nga Azze mu ggwe, kubanga Obulamu obwo tebusobola kukyuka. Bujja kuva mu mubiri ogumu budde mu mubiri omulala, naye Tebusobola kukyuka mu nkula Yaabwo, kubanga Obulamu obwo ye Katonda.

56 Kati mu Yokaana 14, leka tusomeyo katono, okutandikira ku lunyiriri olw'e 10.

> *Tokkiriza nga. . . nze ndi mu Kitange, ne Kitange ali mu nze?* emirimu. . . *ebigambo bye mbagamba nze, sibyogera ku bwange nzekka: naye Kitange bw'abeera mu nze, akola emirimu gye.*

Kirowoozeeko ekyo. Kati:

> *Munzikirize nga nze ndi mu Kitange, ne Kitange mu nze: oba munzikirize olw'emirimu gyokka.*
>
> *Ddala, ddala, mbagamba nti, Akkiriza nze, emirimu gye nkola nze, naye. . . aligikola; era alikola egisinga egyo obunene; kubanga nze ŋŋenda eri Kitange.*

Temukiraba? Mulaba engeri gye Yayogeramu awo? Kati mwekkaanye kino, engeri kino gye kiwulikika. Ka nneeyongere okusoma. Tugenda kusoma tutuukire ddala nga ku lunyiriri olw'a 20. "Na buli kye munaasabanga mu. . . " Leka tulabe, nva kusoma lwa. . . Weewaawo. Uh-huh. Ky'ekyo.

> *Na buli kye munaasabanga mu linnya lyange, ekyo nnaakikolanga, Kitange agulumirizibwenga mu Mwana.*
>
> *Bwe munansabanga ekigambo mu linnya lyange,* Nja *kukikolanga.*

Oba nga *munjagala, munaakwatanga ebiragiro byange.*

Nange ndisaba Kitange, (kati wekkaanye) *naye alibawa Omubeezi omulala, abeerenga nammwe emirembe n'emirembe.*

Omwoyo ow'amazima; ensi gw'eteyinza kukkiriza, kubanga temulaba, so temutegeera: naye *mmwe mumutegeera; kubanga abeera gye muli, era anaabanga mu mmwe.*

57 Kati Omwoyo oyo ye ani? Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Ye Kristo nga ali mu ggwe. Omubeezi, ye Mwoyo Mutukuvu oyo. "Era Omubeezi bw'alijja, Alikola ebintu bye bimu bye Nkoze nga Omubeezi ali mu Nze. Ndisaba Kitange, naye Alibawa Omubeezi ono. Mmwe Omubeezi oyo mumumanyi. Naye ensi temumanyi, era terimumanya. Naye mmwe mumumanyi kubanga kaakano Abeera nammwe," nga Yesu y'ayogera, "naye Alibeera mu mmwe." Kiikyo, oyo ye Mubeezi, "alibeera mu mmwe."

Siribaleka bamulekwa: nkomawo gye muli.

"Ssiri. . . " Kaakano, oyo ye Mubeezi, Kristo. Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali, ye Kristo.

Esigadde ekiseera kitono, ensi obutandaba nate; naye mmwe munandaba*: kubanga nze ndi mulamu, nammwe* muliba. . . *balamu.*

58 O, nga tuyinza okweyongerayo ne tweyongerayo; naye, muleke mbabuulire. Kiki ky'Ali? Ye nvumbo. Ye kabonero. Ye Mubeezi. Mulaba byonna by'Ali? Ezzadde lya Ibulayimu limusikira.

59 Kaakano leka tulabe. . . kiki ekirala Omubeezi ky'ali. Leka tugende mu Yokaana Ekisooka 16:7, tulabe oba nga ddala si Ye Muwolereza, era. Mumanyi omuwolereza kye kitegeeza, okubeera omuwolereza. Tulina Omuwolereza. Ekyo tukimanyi. Yokaana Ekisooka essuula ey'e 16. . . O, lindako katono, munsonyiwe. Kirina kuba, Enjiri y'Omutukuvu Yokaana, 16:7. Munsonyiwe. Munsonyiyire ddala olw'okwogera ekyo. Ekyo nkisomye bubi wano ku gundi yange nkirabye nga. . . 16:7.

Naye nze mbagamba amazima; kibasaanira mmwe nze okugenda: kubanga nze bwe sirigenda, Omubeezi talibajjira; naye bwe ndigenda ndimutuma gye muli.

Ye bw'alijja, alirumiriza ensi olw'ekibi, n'olw'obutuukirivu, n'olw'omusango:

Olw'ekibi, kubanga tebanzikiriza nze;

olw'obutuukirivu, kubanga ŋŋenda eri Kitange, so nammwe temukyandaba nate;

olw'omusango, kubanga omukulu w'ensi eno asaliddwa omusango.

60 Bannange! Kati, eky'Omuwolereza, kisangibwa mu—mu Yokaana Ekisooka 2:12. Kaakati leka tusome ekyo, mu kaseera katono, Yokaana Ekisooka 2:12. Munsonyiweko, kiri, Yokaana Ekisooka . . . 1 n'olwo'ku 2. Bino nnabiwandiise wano, Yokaana Ekisooka 2:1 okutuuka ku lw'oku 2.

> *Abaana bange abato, mbawandiikidde ebyo mulemenga okukola ekibi. Era omuntu yenna bw'akola ekibi, tulina Omuwolereza eri Kitaffe, Yesu Kristo omutuukirivu:*

Omuwolereza y'ani? Yesu Kristo omutuukirivu.

> *N'oyo—n'oyo gwe mutango olw'ebibi byaffe: si lwa bibi byaffe fekka, naye n'olw'eby'ensi yonna.*

61 Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Ye Muwolereza. Akola ki o . . . Omuwolereza y'akola ki? Akola mulimu ki? Awolereza. Alina ekisa. Ye, y'Ayimirira mu kifo kyo. Ye, y'Akola ebintu ggwe by'otasobola kukola. Ye, Ye—Ye mutango ku lw'ebibi byo. Ye butuukirivu bwo. Ye kuwonyezebwa kwo. Ye Bulamu bwo. Ye kuzuukira kwo. Ye byonna Katonda by'ayagala obeere nabyo. Ye Muwolereza.

62 Ekyo nga nakyo tusobola okukigenda mu buziba ne tukimulungula, ne tulaga engeri gye Ye—Yeegayirira ku lw'obutamanya bwaffe. Ebiseera ebimu bwe . . . tufuna Omwoyo Omutukuvu, naye ne wabaawo we tutagala ne tubaako kye tugwaamu olw'obutamanya. Omwoyo Omutukuvu abeerawo okutuwolereza. Ye Muwolereza waffe. Ayimirirawo ku lwaffe nga . . . Ye Looya waffe. Ayimirira awo ne yeegayirira ku lwaffe. Tetwewolereza nga ffe, kubanga Omwoyo Omutukuvu ali mu ffe yeegayirira ku lwaffe. Omwoyo Omutukuvu y'atuwa ebigambo bye twogera, oluusi n'oyogera n'ebigambo by'otasobola kutegeera, ne Yeegayirira ku lwaffe. Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali.

63 Bwe mbaako ekintu kyonna kye ntambula okuyingiramu, nta—ntambula nga akaana akato; naawe otambula nga akaana. Ffenna, tutambulira mu nsi ekutte ekizikiza ejjudde abalabe, ejjudde ekibi, ejjudde emitego, ejjudde buli kimu.

Kati ogenda n'ogamba nti, "Bannaaye, ntidde. Ntidde okutambulira mu bulamu obw'Obukristaayo. Nze, ntidde okukola *kino*. Ntidde nti nja kukola *kino*."

Totya. Tulina Omuwolereza. Amiina. O, Ayimirira ku mabbali gaffe. Ali mu ffe, era Yeegayirira ku lwaffe. Omwoyo Omutukuvu, bulijjo, bulijjo abeera yeegayirira ku lwaffe, buli kaseera. Ye Muwolereza waffe. O, nga twebaza Katonda olw'ekyo!

64 Envumbo, akabonero, Omwoyo ow'Obulamu, Katonda ow'Eggulu, Omubeezi, Obulamu, Omuwolereza. Ye kye kiki? Ha,

bannange! Tuyinza okweyongerayo okumala essaawa n'essaawa nga tukyogerako.

65 Kati tugenda kukyusaamukko katono. Kati tugenda kubuuza kati. . .

Yatusuubizibwa mu nnaku ez'oluvannyuma! Omuwolereza ono, envumbo, ekisuubizo, buli kintu kye tumwogeddeko akawungeezi kano, n'ebirala nkumu, Yatusuubizibwa mu nnaku ez'oluvannyuma.

Tebaamulina mu biro biri. Baalina bubeezi nvumbo eyateekebwanga ku mibiri gyabwe, nga akabonero era nga ekirabirwako, nga bakkiriza nti Yali wa kujja, era baali batambulira mu kisiikirize ky'amateeka. Era nga, baakomolebwanga mubiri.

66 Leero tetutambulira ku kisiikirize kya mateeka. Tutambulira ku maanyi ga kuzuukira. Tutambulira ku maanyi ga Mwoyo, Oyo envumbo yaffe yokka, Omuwolereza waffe yekka, Omubeezi waffe yekka, akabonero kaffe kokka akalaga nti twazaalibwa okuva Waggulu; tuli ba nvuma, tetuli bantu ba bulijjo, tetweyisa mu ngeri ya bulijjo, tutwala Katonda nga Ekigambo Kye bwe kigamba, ebirala byonna ne tubiyita bikyamu. Ekigambo kya Katonda kye kituufu. Ekyo. . . O, bannange! Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali.

67 Omwagala? Tewandyagadde kumufuna? Leka tulabe oba nga Yasuubizibwa.

Kati leka tubikkule mu Isaaya, Ekitabo kya Isaaya. Leka tubikkule essuula ey'a 28 eya Isaaya. Kati tugenda kubikkula mu Isaaya 28, era tugenda kutandikira nga ku. . . Leka tusome olunyiriri olw'o 8, tulabe Isaaya kye yayogera, emyaka lusanvu mu kkumi n'ebiri bwe Yali nga tannajja.

68 Waliwo bingi nnyo bye tuyinza okwogera ku nsonga eno, ne tuddirayo ddala, emabega eri, naye leka tutandikire wano tulabe oba nga Yasuubizibwa eri Ekkanisa. Era Yali wa kujja mu kiseera ki? Mu nnaku ez'oluvannyuma, we walibeererawo o—obwonoonefu. Kati mujjukire nti, ekigambo ekyo kiri mu bungi, "ennaku," ennaku ebbiri ezisembayo, emyaka enkumi bbiri egisembayo.

Kati, olunyiriri olw'o 8.

> Zonna, *kubanga emmeeza zonna zijjudde. . . empitambi, obutabaawo* kifo kirongoofu.

69 Noonyereza leero olabe. Tunulatunula olabe oba nga ddala ebyo bye biro bye tulimu. "Emmeeza zonna!" Kubanga, basembera ku Mmeeza ya Mukama waffe ey'okussa ekimu okutukuvu, era omanyi ekisookera ddala, ku bikwata ku bikozesebwa, baddira akatundu k'omugaati omuwewufu oba ka bisikwiti, ne bakamenyamu ne bakozesa ako mu kusembera. Nga ate, omugaati ogwo guteekwa kukolebwa mikono

egyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, era nga mugaati ogutaliimu kizimbulukusa. Kristo si mukyafu era si mwonoonefu, era ebyo bye bimwoleka.

70 Ekirala, baguwa abantu abanywa b'omwenge, abalimba, ababba, abanywa ssigala, abagaaya ebintuntu, (whew!) buli gwe basanze yenna, kasita aba nga ali mu kkanisa. Kikafuuwe! Omuntu yenna bw'agulyangako nga tugulya mu kifo kino wano, aliba assa era nga anywa musango eri obulamu bwe, olw'obutayawula Mubiri gwa Mukama waffe. Bw'aba tatambulira mu bulamu busaanidde, abireke tasembera.

Ate bw'otasembera, nakyo kiraga nti weesalira omusango gwe wennyini nti gukusinga. "Oyo atasembera kulya, talina mugabo mu Nze," Yesu bwe yagamba.

71 Naye emmeeza za Mukama zonna zijjudde empitambi. Tewali kifo kyonna kirongoofu. Muwulirize, mulabe oba nga ekyo tekiraga ebigenda mu maaso leero!

Ani gw'ali. . . ani *gw'aliyigiriza okumanya? era ani gw'ali*. . . *gw'alitegeeza ebibuulirwa?*. . .

. . . ani anaategeera *okumanya?*. . . ani gw'ayinza *okuleetera okutegeera ebibuulirwa?*. . .

"Kale, Katonda mmwebaza, nze ndi Mupulesibeteriyani. Nze ndi Mumesodisiti. Nze ndi Mupentekoote. Nze ndi Munazaleeni. Nze ndi wa Pilgrim Holiness." Ekyo eri Katonda tekirina kye kitegeeza yadde; eyo y'emu ku mmeeza ziri.

. . . ani gwe Nnaayigiriza *ebibuulirwa?*. . .

72 Njigiriza ya ngeri ki; ey'Abamesodisiti, ey'Ababaputisiti, ey'Abapulesibeteriyani, ey'Abapentekoote? Enjigiriza ya Bayibuli!

. . . ani gwe Nnaayigiriza *ebibuulirwa?*. . .

73 Omanyira ku ki nti Omufunye? Ekyo tulikyogerako ku Lwokutaano akawungeezi. Okiraba?

. . . ani gwe Nnaayigiriza *enjigiriza?* (kati wekkaanye) *abo abaleseeyo okuyonka era abavudde ku mabeere.*

74 Obwana obuto bwe bugamba nti, "Naye, ŋŋenda mu kkanisa, eno y'eyali ekkanisa ya mmange." Ekyo ssikirinaako buzibu bwonna, muganda wange omwagalwa. Era bino nkimanyi nti bikwatibwa ku lutambi. Ekyo tekiriimu kabi konna, okubeera mu kkanisa ya maama. Naye, wuliriza, maama wo yatambulira mu musana gwa kiseera kirala, naawe oli mu musana gwa kiseera kirala.

75 Luther yatambulira mu musana ogw'ekiseera ekimu; Wesley n'atambulira mu musana ogw'ekiseera ekirala. Wesley yatambulira mu musana gw'ekiseera ekimu; Abapentekoote ne batambulira mu musana ogw'ekiseera ekirala. Naye omusana mwe tutambulira leero gusinga ogw'ebiseera ebyo byonna. Era

bwe wanaabaawo omulembe omulala, ate gujja kusukka ffe we tuli.

76 Mu nnaku ez'edda ezaasooka, ekintu bwe kyali kikyali kigazi, nga kigazi nnyo ddala, Luther yayigirizanga okuggyibwako omusango olw'okukkiriza. Ekyo kyali kya kuggyayo bantu mu Bukatuliki kubaleeta mu mugendo ogw'Okuwakanya Obukatuliki, mu kussa ekimu okwetooloola Ekigambo. Okuggyibwako omusango olw'okukkiriza, eyo yali nkulungo ngazi nnyo ddala. Awo tebaasukkawo.

77 Oluvannyuma ne wajja okudda obuggya okulala okwayitibwa okwa John Wesley. Okwo ne kubanyeenya ne kubajja ku kiri, ne kubaleeta eri okutukuzibwa, okutambulira mu bulamu obulungi, obulongoofu, obulamu obutukuvu, okutukuzibwa n'Ekigambo kya Katonda, n'ofuna essanyu mu mutima gwo. Ekyo kyanyeenya bangi ku baali bakkiririza mu njigiriza ya Luther ne kubakunkumula ne bagwa eri.

78 Okuva awo ate ne wajja Abapentekoote n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nabo ne bongera okukifunza, nga bayita mu kufuna Omwoyo Omutukuvu. Ddala bwe kyali.

Era kati ekyo nakyo kitandise okunyeenya n'okubaako bye kikunkumula nga bwe bigwa eri. Era ebirabo, n'okuzzibwawo, n'Omwoyo wa Katonda byonna bizze, mu bujjuvu bw'obubonero n'ebyewuunyo, mu Kkanisa, era binyeenyezza Obupentekoote. Kiraga ki ekyo? Tusemberedde nnyo Okujja kwa Mukama waffe Yesu, okutuusa nti Omwoyo yennyini eyali mu Ye kaakano akolera mu Kkanisa, nga akola ebintu byennyini bye Yakola bwe Yali wano ku nsi. Tekibangawo mu mulembe gwonna, okuviira ddala emabega eri mu biseera by'abatume okutuusa mu kiseera kino.

Lwaki? Olaba, kitandika kigazi; ne kifunda, ne kyeyongera ne kifunda, ne kyeyongera ne kifunda. Kitegeeza ki? Kiringa bw'olaba omukono gwo nga gugenda gufuuka ekisiikirize; gweyongera okukyuka, gweyongera okukyuka, gweyongera okukyuka. Naye kiba kiki? Kiba kifaananyi kya kiri ekya ddala. Luther yali kiki? Yali kifaananyi kya Kristo. Wesley yali kiki? Yali kifaananyi kya Kristo.

79 Mulabeeyo, omulembe gwa Billy Sunday gwakaggwa. Jjuuzi, nnamukadde Dr. Whitney, eyayigiririzaako ne mu kituuti kino wano, asembyeyo ku b'omugigi ogwo omukadde, yafa, ndowooza, nga aweza emyaka nga kyenda. Billy Sunday yali munnakuddabuggya eri amakanisa ag'olukale ag'omu kiseera kye. Teyekkiriranyaako; yayimiriranga n'awoggana nti, "Mmwe mwenna Abamesodisiti muveeyo muzze buggya obulamu bwammwe, ababuulizi na buli omu! Mmwe mwenna Ababaputisiti muveeyo muzze buggya obulamu bwammwe! Nammwe Abapulesibeteriyani!" Teyekkiriranyaako. Yali nga bw'olaba Billy Graham mu mulembe guno.

80 Wekkaanye. Kati ate, mu kiseera kye kimu omugendo gw'amakanisa agaasigaza amannya obunnya we gaali gafunira okudda obuggya kwago, kiki ekyaliwo? N'aba Full Gospel nabo baali bafuna okudda obuggya. Ne wajja ba Bosworth ab'oluganda, Smith Wigglesworth, ne Dr. Price, Aimee McPherson, abo bonna.

Labayo, Smith Wigglesworth yafa ekiro ekimu. Doctor Price n'afa enkeera ku makya. Mu ssaawa abiri mu nnya okuva awo ne mbakana n'ogw'okubuulira enjiri.

81 Kati ate nange enkomerero yange esembedde. Tunuulira . . . Billy Graham temukyawulira nnyo nga ayogerwako. Oral Roberts temukyawulira nnyo nga ayogerwako. N'enkuŋŋaana zange nazo ndaba zigenda zikendeera. Kiki ekigenda mu maaso? Tuli ku nkomerero, mulembe omulala.

82 Billy Sunday yatandika atya, n'abalala abo? Baatandika okudda obuggya kwa Moody okw'amaanyi kuwedde. Moody yajja ddi? Nga okudda obuggya okwa Knox kuwedde. Knox yajja ddi? Nga okudda obuggya okwa Finney kuwedde. Finney yajja luvannyuma lwa Calvin, Calvin yajja luvannyuma lwa . . . Kale, Wesley, ne Wesley yajja luvannyuma lwa Luther. Okudda obuggya okwo bwe kutyo bwe kuzze kugobereganga buli kumu mu mulembe mwe kwajjiranga. Okudda obuggya okumu olwabanga okuggwa kuti, nga Katonda ayimusaawo okulala nga kwongera okuleeta Omusana ogusingawo; ne kugenda mu maaso nga kutambula bwe kutyo.

83 Kaakano tuli ku nkomerero ya kiseera kino. Buli omu ku basajja abo bwe yatuukanga ku masaŋŋanzira g'ekiseera kye yalindiriranga okulaba Okujja kwa Kristo, naye baalina bingi nnyo bye baalina okulindirira okuba nga bibaawo; okukomawo kw'Abayudaaya, ebyombo ebibuukira mu bwengula, ebintu byonna bye tulaba leero. Naye ffe tuli ku nkomerero. We tuli kaakati. Baali bakimanyi nti Ekkanisa yali ya kufuna Amaanyi agaali ag'okukolera mu Kkanisa emirimu gye gimu Kristo gye yakola, kubanga ekisiikirize ky'ekintu gye kikoma okuba ekikwafu, ne kyeyongera okukwata, gye kikoma okuggyayo ekifaananyi kyennyini.

84 Tunuulira ekisiikirize. Gye kikoma okuba ewala, gye kikoma obutafaanana na muti kwe kiva. Oluvannyuma lw'akaseera, ekisiikirize kigenda kisembera ne kyeyongera okusembera, okutuusa omuti n'ekisiikirize kyagwo lwe bifuuka ekintu kimu.

85 Kaakati, n'Omwoyo wa Katonda akoledde mu kuggyibwako omusango, wansi wa Luther; okutukuzibwa, wansi wa Wesley; okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, wansi w'Abapentekoote; era Wuuno ne wano mu nnaku ez'oluvannyuma, nga ayoleka era nga akola ebintu bye bimu byennyini bye Yakola bwe Yali mu Kristo. Kitegeeza ki? Ekkanisa ne Kristo bafuuse Omu.

Era kasita Baneegatta bati awamu, ennyingo eyo esembayo, Ekkanisa ejja kutumbiira mu bbanga, nga bwe boogerera waggulu. Aba Wesley balizuukira ne bavaayo, aba Luther, n'abalala bonna ab'omu mirembe egyo egyayita, "ow'olubereberye aliba ow'oluvannyuma, n'ow'oluvannyuma aliba ow'olubereberye," oluvannyuma walyoke wabeewo okuzuukira.

86 Tuli ku nkomerero. Muwulirize, Omwoyo Omutukuvu ekyo ky'akola. Luli Omwoyo Omutukuvu, nga okuggyibwako omusango, mulabeeyo, kyali kisiikirize Kye ekitali kikwafu; ne kuddako Omwoyo Omutukuvu, nga okutukuzibwa, n'aba ekisiikirize Kye ekyeyongeddeko obukwafu; oluvannyuma ne waba Omwoyo Omutukuvu, nga ofuna okubatizibwa Kwe, ekyo ne kiba ekisiikirize ekikwafu okusingawo; kaakano Omwoyo Omutukuvu, nga okukomezebwawo Kwe Ye mu buliwo okuba nti ali wano, nga akola obubonero n'ebyewuunyo nga bye Yakola mu kusooka. Whew! Ekitiibwa! Ndaba mugenda kumpita "omutukuvu eyeevulunga," mu buli ngeri, kale muli ba ddembe okutandikirawo kaakati.

87 Muwulirize, ab'oluganda, muwulirize kino.

> *. . . emmeeza zonna zijjudde ebisesemye . . . obutabaawo* kifo kirongoofu.
>
> Ani *gw'aliyigiriza okumanya? . . . ani gw'alitegeeza* okumanya, *ebibuulirwa? abo abaleseeyo okuyonka era abavudde ku mabeere.*

Si baana bawere; Abapulesibeteriyani abawere, Abamesodisiti abawere, Abapentekoote abawere, Abaluzalaani abawere, Abanazaleeni abawere. Ayagala omuntu omwetegefu okuva ku mabeere atandike okulya emmere ekaluba. Kati nno yiino:

> *Kubanga kiba kiragiro ku kiragiro, . . . ku kiragiro; olunyiriri ku lunyiriri, . . . ku lunnyiriri; wano katono, awo katono:*
>
> *Naye* ndyogera *n'abantu bano n'emimwa emigenyi era* n'ennimi endala.
>
> *Be yagamba nti, Kuno kwe kuwummula, mumuwe okuwummula oyo akooye; era kuno kwe kuweera: naye ne bataganya kuwulira.*

88 Omwoyo Omutukuvu, wekkaanye olabe oba bw'atyo si bwe Yajja ku Lunaku lwa Pentekoote, nga bwe kyalagulwa emyaka lusanvu mu kkumi n'ebiri nga Tannajja! Wuuno wano ku Lunaku lwa Pentekoote, yajja mu ngeri yennyini nga bwe kyalagulwa.

89 Waliwo eyagamba nti, "Kukuuma lunaku lwa ssabbiiti." Ssikigaana era sigezaako kubaako kkanisa ya muntu yenna oba eddiini gye mpeebuula. Naye kigambye nti, "Olunaku

lwa ssabbiiti, ssabbiiti ya Katonda lwe lwali olunaku olw'okuwummula."

Luno lwe lunaku olw'okuwummula. "Kino kye kiwummulo," Yagamba nti, "muleteere abakooye okuwummula." Kye kino. Amiina! "Kiriba kiragiro ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri." Kino kye kiwummulo. Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Ekiwummulo. O!

Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.

90 Ye Ani? Ye Oyo ayingira mu ggwe, n'akuwa emirembe; n'aba akabonero kw'olabirwa, n'aba Omubeezi wo; n'ofuna okubeerwa, n'owummula, nga oliko envumbo.

91 Obeera otya . . . ? Ye kabonero kw'olabirwa; ensi emanya nti waliwo ekibaddewo mu ggwe. Ye Kiki? Ye Mubeezi. Ye kiki? Ye nvumbo. Obeera owummudde. Olina . . . Ye Muwolereza wo. Ggwe, singa, otuukibwako ekintu kyonna, waliwo Ekintu ekiriwo okukuwolereza amangu ddala, olaba, nga kyegayirira ku lulwo. Ye Mwoyo wa Katonda omulamu nga ali mu Kkanisa, eyalagulwa ddala nga bw'Aliba bw'Alijja. Yali wa kubeera kiwummulo eky'emirembe n'emirembe, Ekitaggwawo.

92 Katonda yakola ensi. Abaebbulaniya, essuula ey'oku 4. "Katonda bwe yakola ensi, n'awummula ku lunaku olw'omukaaga." Ddala bwe kiri.

Ku lunaku olw'omunaana n'akomawo, wansi . . . Olwo yaluwa Abayudaaya lubabeerere endagaano, okumala ekiseera ekigere. Bwe kiri. Naye bagenda ne bawummula okumala olunaku lumu; ne baddayo, ku lunaku olusooka mu wiiki, ne baddamu ne batandika buto, bupya, ne baddamu ne batandika buto. Ekyo si kye kiwummulo Katonda kye yayogerako.

Katonda bwe yakola ensi mu nnaku omukaaga, bwe Yagenda okuwummula, Yawummulira ddala okuva ku olwo okweyongerayo. Ddala bwe kiri. Byonna byaggwa okukolebwa. Teyakomawo ate ku lunaku olw'omunaana n'addamu n'atandika buto.

93 Naye ekyo kyali kisiikirize busiikirize ekyali kirina kye kyoleka. Kati, ekyo kyali kifaananyi eky'okulabirako, nga bw'olaba omwezi bwe gwaka nga enjuba teriiwo; naye enjuba bw'evaayo, omwezi tubeera tetukyagwetaaga. Kaakati mwekkaanye kino, ha, mu Kubikkulirwa 11, "Omukazi eyali ayimiridde nga omwezi guli wansi w'ebigere bye, n'enjuba nga eri waggulu ku mutwe gwe." Ha, tusobola okutaganjula Bayibuli yonna, okuva ku ddiba okutuuka ku ddiba, ne tubalaga. Olaba?

94 Naye kyali kitegeeza ki? Kubanga, Bayibuli egamba mu Abaebbulaniya essuula ey'oku 4 nti, "Kuba singa Yesu yali abawadde olunaku olw'okuwummula, Yandirwogeddeko

oluvannyuma; Yandyogedde ku lunaku olw'okuwummula." Lunaku ki lwe Yayogerako nga, olw'okuwummula?

Mujje gye ndi, mmwe mwenna abakooye era abazitoowereddwa, nange nnaabawummuza.

95 Matayo essuula ey'e 11, olunyiriri olwa 22. . . Mulabeeyo, kati, tukiraba nti bwe tujja gy'Ali. "Kubanga oyo," bwe watyo bwe wagamba mu Abaebbulaniya 4 nti, "ayingidde mu kiwummulo kya Yesu, aba awummudde mu mirimu gye egy'ensi, nga ne Katonda bwe yawummula Egigye," bwe Yakola ensi, obutagiddira nate. Kumala bbanga ki? Envumbo y'Omwoyo Omutukuvu omala nayo bbanga ki nga ekyakusibiddwako? "Okutuukira ddala ku lunaku olw'okununulibwa kwo." Ekyo kye kiwummulo, okubeerwa, Omuwolereza, envumbo, Omununuzi. Ha! Mpulira muli nga nkyamuse, manya mpulira nga ndi wa mukisa. O!

96 "Yatusuubizibwa, Ow'oluganda Branham? Bayibuli erina w'ekikakasiza?"

Kale, leka tubikkule mu Yoweri, tulabe kiki Yoweeri kye yamwogerako.

Nga nsiima nnyo olw'Ekigambo kya Katonda eky'omukisa! Mukyagala? Ndowooza nti ssinga si lwa Kigambo, ssimanyi we twandibadde. Kale.

Kati tuli mu Yoweeri. Tugenda kubikkula Yoweeri, essuula ey'oku 2 eya Yoweri, era tugenda kutandikira ku lunyiriri lwa 28. Yoweeri 2:28, emyaka lunaana nga Kristo tannajja, nnabbi bwe yali mu Mwoyo. Kati wuliriza.

Awo olulituuka oluvannyuma, *ndifuka omwoyo gwange ku bonna abalina omubiri; . . . batabani bammwe ne bawala bammwe baliragula, abakadde bammwe baliroota ebirooto,* era *abalenzi bammwe baliraba okwolesebwa:*

Era ne ku baddu bange *ne ku* muzaana wange kwe ndifuka mu nnaku zino. . . *kwe ndifuka,* mu nnaku ezo, *omwoyo gwange.*

Era ndyolesa eby'ekitalo mu ggulu waggulu *ne mu nsi, omusaayi, . . . omuliro, n'empagi ez'omukka.*

Enjuba erifuuka kizikiza, n'omwezi okuba omusaayi, olunaku lwa MUKAMA *olukulu. . . era olw'entiisa* nga *terunnaba kujja.*

Awo olulituuka, buli alisaba erinnya lya MUKAMA *alirokoka:*

97 Ekyo. . . Ha! Kiki? Yoweeri! Mwali mukyekkaanyizza? Mu Bikolwa by'Abatume 2, Peetero yanokola olunyiriri lwe lumu. Yagamba nti, "Mmwe abasajja Abayisiraeri, muwulire ebigambo byange. Bano tebatamidde," bano bantu abasibiddwako

envumbo, abafunye okubeerwa, ab'envuma, abaliko akabonero. "Tebatamidde, nga bwe mulowooza," Ebikolwa by'Abatume 2, "nga bwe mulaba nti enno y'essaawa ey'okusatu ey'olunaku. Wabula kino kye kiri nnabbi Yoweeri kye yayogera, nga agamba nti, 'Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma Ndifuka Omwoyo Wange ku bonna abalina omubiri.'"

98 Ye kiki, Omwoyo Omutukuvu ye kiki? Kale, kati leka tuddemu twekkaanye, nga bwe yasuubizibwa eri abakkiriza, ekyo ky'Ali. Kaakati, Omwoyo Omutukuvu ono, tulabye ky'Ali, mu kaseera akatono akaakayita. Yasuubizibwa eri b'ani? Eri abakkiriza.

Kati leka tubikkule mu Lukka, essuula eya 24 eya Lukka, tuwulire Yesu bye yayogera mu Bigambo Bye ebyasembayo bwe Yali tannava ku nsi. Lukka essuula eya 24. Era kati eri mmwe abawandiika ebyawandiikibwa bino, kino musobola okukiwandiika, munaakisomako ne mukyekkaanya enkya nga mufunye obudde. Kati, Lukka 24:49, muwulire Yesu nga ayogera. Byonna bwe byaggwa, bwe Yali ayambuka mu Kitiibwa, nga ayambuka, bino bye Bigambo bye Yayogera eri abayigirizwa Be.

> *. . . laba, mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange . . .*

Kisuubizo ki? Envumbo, akabonero akaawula, Omubeezi, n'ebintu ebirala bino byonna bye njogeddeko, n'ebirala nkumi na nkumi.

> *. . . mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange: . . .*

Kisuubizo ki? "Ekyo Isaaya kye yayogerako ekyali eky'okujja, 'N'emimwa eginanaagira n'ennimi engwira bwe Ndyogera eri abantu bano.' Ndiweereza ekiwummulo ekyo gye muli. Ndiweereza ekyo Yoweeri kye yayogerako, nti, 'Awo olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka Omwoyo Wange ku mmwe.' Ha, Ndimubaweereza, era ndeetere amawanga gonna, abantu bonna, okutandikira e Yerusaalemi . . . Ndiyingiza ezzadde lya Ibulayimu wansi w'endagaano eno. Buli omu ku bo Ndimussaako envumbo. Olaba, Ndifuka Omwoyo Wange."

> . . . Nze *mbaweereza mmwe okusuubiza kwa Kitange: naye mulinde,* ekitegeeza nti, mulindirire *mu kibuga Yerusaalemi okutuusa* lwe *mulyambazibwa amaanyi agava waggulu.*

99 Kati olwo Omwoyo Omutukuvu kye kiki? "Ge Maanyi agava Waggulu!" Si maanyi agava ew'omulabirizi, si maanyi agava mu kkanisa. Wabula, "Amaanyi agava Waggulu!"

100 Amaanyi ago gajja gatya? Kuyita mu "kwegatta ku kkanisa"? Nkusoomooza ggwe, agamba nti ekyo kituufu. Kuyita mu "kwegatta ku kkanisa, kukwata mubuulizi mu ngalo"? Nedda,

ssebo. Kati, eri mmwe Abakatuliki, "gajja kuyita mu kusowolayo lulimi n'ofuna kkomunyo embereberye"? Nedda, ssebo.

101 Yajja Atya, nga Amaanyi agaava Waggulu? Leka tweyongere okusoma. Leka tubikkule mu Bikolwa by'Abatume 1:8. Kati wano nga bakuŋŋaanye wamu. Kati baali bogera ku Yesu wano, bwe baali nga bakuŋŋaanye wamu, nga waliwo ne gwe balonze okudda mu kifo kya Yuda. Ebikolwa by'Abatume 1:8.

> *Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe:* . . .

Kitegeeza ki? "Ofuuke mmemba w'Ekkuŋŋaaniro lya Branham"? Nedda. "Ofuuke mmemba w'ekkanisa y'Abamesodisiti, oba ekereziya Katolika, oba ekkanisa y'Abapulesibeteriyani"? Tekiri bwe kityo, mu Bayibuli. Eyo njigiriza eyagunjibwa abantu.

"Naye oliweebwa Amaanyi bw'olimala okufuulibwa omubuulizi"? Nedda, ssebo. "Oliweebwa Amaanyi nga omaze okufuna Ddiguli yo Esooka"? Nedda, ssebo. "Oliwe-. . . walijja Amaanyi nga omaze okufuna ddiguli yo eya DD"? Nedda, ssebo. "Oliweebwa Amaanyi nga omaze okubatizibwa mu mazzi"? Nedda, ssebo. "Oliweebwa Amaanyi nga omaze okufuna kkomunyo yo embereberye"? Nedda, ssebo. Mubiraba, ebyo byonna byagunjibwawo bantu buntu.

102 Wuliriza Bayibuli kye yagamba, ekyo Yesu kye yagamba.

> . . . *muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe:* (Omwoyo Omutukuvu kye kiki? ge Maanyi) olwo, oluvannyuma lwa kino, *munaabanga bajulirwa* . . . ("Mmwe mwekka ekkumi n'ababiri, mujulire mu Yerusalemi"?) . . . nammwe *munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi,* . . . *Buyudaaya,* . . . *Samaliya,* n'okutuusa ku *nkomerero y'ensi.* (Ewatannatuukibwa ne gyebuli eno.)
>
> *Bwe yamala okwogera ebyo,* . . . *bwe yamala okwogera ebyo, nga* bamutunuulira, *n'asitulibwa,* mu *kire* ne *kimutoola* . . . *okumuggya mu maaso gaabwe.*

103 Kaakati mubikkule ku muko oguddako, mulabe obunnabbi obwo nga butuukirizibwa.

> *Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka, bonna baali mu* bumu . . . *bonna baali bumu wamu mu kifo kimu.*

"Amangu ago omusumba n'ajja na . . . "? Awo mba nvudde ku mulamwa, si bwe kiri? "Amangu ago omusaaseredooti n'ajja ku wolutaali"? Nedda.

> *Amangu ago ne waba okuwuuma* . . .

Tebaakuteebereza buteebereza; Kwaliwo, okuwuuma.

"Waliwo omuweereza eyali anaatera okuyingira mu mulyango"? "Waaliwo omusaseredooti eyali asitudde kkomunyo, nga afuluma awatukuvu"? Nedda, tewaaliwo kintu kifaanana nga ekyo.

> . . . *amangu ago okuwuuma ne kuba mu ggulu* . . . (Si ng'emisinde gy'ebigere) . . . *okuwuuma ne kuba mu ggulu nga* . . . *empewo ewuuma n'amaanyi* (Ha, bannange! Wuuu! . . . ? . . .) . . . *ne kujjuza ennyumba yonna mwe baali batudde.*

104 Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Amaanyi wano we baagajja. Wano we baali balina okulindira; era kino kye kyabaawo bwe baalindirira. Nga bonna bwe baali baalagula, okuviira ddala eri mu Lubereberye, okuviira ddala ku Ibulayimu n'abalala bonna nga boogera nga bwe; Yali ow'okujja, ne ngeri ki gye Yalina okujjamu, na biki ebyali eby'okubaawo nga azze. Ye kiki? Yasuubizibwa eri Ekkanisa, eri abakkiriza.

> . . . ne *kujjuza ennyumba yonna mwe baali batudde.*
>
> *Ne kulabika ku bo ennimi nga* . . . *ez'omuliro nga zeeyawuddemu, buli lulimi ne lutuula ku muntu.*
>
> *Bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne* batandika *okwogera ennimi endala, nga Omwoyo bwe yabawa okuzoogera.*

Kati ekyo tujja kukituukako, ku Lw'okutaano akawungeezi. Ekyo tugenda tugira tukirese awo wennyini, olaba.

105 Ali Atya? Kye kisuubizo eri Ekkanisa, kisuubizo ddala ddala. Kale.

106 Kaakati, kati tugenda kulaba, bwe baamala okujjuzibwa, baasibwako envumbo kutuusa ddi? [Ekibiina kigamba nti, "Okutuuka ku lunaku lw'okununulibwa."—Omuk.]

Bameka abali muno nga mulina Omwoyo Omutukuvu? Leka tulabe emikono gyammwe. Waliwo bangi nnyo abalina Omwoyo Omutukuvu okusinga abatamulina. Naawe twagala obeere omu ku ffe, ow'oluganda, mwannyinaffe. Bw'otegeera ky'Ali, Ye . . . Ye Mwoyo wa Katonda nga ali mu ggwe, okukukoleramu emirimu gya Katonda.

Buli mulundi gwonna Katonda gwe yasindikanga Omwoyo We mu muweereza We yenna, mu nnabbi We yenna, mu muyigiriza We yenna, mu mutume We yenna, ensi yababoolanga. Baatwalibwanga nga abatabufu b'emitwe, mu buli mulembe gwonna mwe baali babadde. Ne Pawulo bwe yayimirira mu maaso ga Agulippa, yagamba nti, "Mu kkubo lye bayita ery'okubula . . . " *Okubula* kye kiki? "Kugwa ddalu." "Mu kkubo lye bayita ery'obulalu, ery'abaatabuka emitwe, eryo lye kkubo mwe nsinziza Katonda wa bajjajjaffe." Ndi musanyufu okuba nti nsobola okugamba nti ndi omu ku bo. Yee, ssebo. Ddala ddala. Ndi musanyufu okuba nti nsobola okugamba nti ndi omu ku bo.

107 Kaakati, Omwoyo Omutukuvu ono bwe yamala okubakkako, Yabafuula abaagalana ennyo okutuusa nti buli kimu baakigabananga. Si bwe kiri? Bannange, bannange, nga kwali kussa kimu okw'amaanyi! Waliwo lwe tuyimba oluyimba olwo olugamba nti, "O, nga kussa kimu okulungi! O, nga ssanyu ery'Obwakatonda!" Ky'ekyo. Nga tebafaayo, nga tebafaayo oba o—omusana gwaka oba nedda. Tebaasaba kubeera mu bulamu bwangu.

"Kati, Omwoyo Omutukuvu ye nja kumufuna," abamu bwe baŋŋamba mbu, "Mw. Branham, singa osobola okunkakasa nti nnaafuuka nnaggagga, ssinga osobola okunkakasa nti nnaazuula enzizi z'amafuta weziri, era oba nga nnaazuula ebirombe bya zaabu webiri, era oba nga na—na . . ." Mulabeeyo, ebintu ebyo waliwo abantu ababiyigiriza mu ngeri eyo, naye bayigiriza bulimba. Katonda tasuubizangako bintu nga ebyo.

108 Omuntu yenna afuna Omwoyo Omutukuvu tafaayo oba n'eky'okulya asabiriza kisabirize, oba nedda. Gy'ali ekyo tekirina kye kikyusa n'akatono. Abeera kitonde ekyolekedde Eggulu. Ta . . . Aba talina bimusibira ku nsi wano, n'akamu. Bwe kiri. Tafaayo. Oba kiki ekijja, oba kiki ky'afiirwa, kyonna kyonna. Oba bamwogerako bubi, ne bamusekerera. Oba ofiirwa kitiibwa kyo, ye ofaayo ki? Oli mu lugendo lwo olukutwala mu Kitiibwa! Aleruuya! Amaaso go obeera ogasimbye ku Kristo, era nga oli mu lugendo lwo. Obeera tofaayo ku kiki ensi ky'eyogera.

Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali. Ye Maanyi, Ye nvumbo, Ye Mubeezi, Ye Muwolereza, Ye kabonero akakwawula. Ha, bannange! Ye bukakafu obulaga nti Katonda akukkirizza.

Nnaakamala budde ki? Nsigazzaayo eddakiika munaana zokka. Kale. Leka . . . Nkyalinawo Ebyawandiikibwa bingi nnyo wano. Ssirowooza nga nnaasobola okubyogerako byonna, naye leka tu—leka tugezeeko kyonna kye tusobola.

109 Kaakati, omuntu nga amaze okujjuzibwa n'Omwoyo Omutukuvu, omuntu oyo kisoboka okuyigganyizibwa n'ebintu ebirala okumuviirako okudda emabega n'a . . . Kaakati, tajja kumufiirwa, asigala mwana wa Katonda, era lubeerera ajja kusigala nga ekyo ky'ali, kubanga osibibwako envumbo kutuusa ddi? [Ekibiina kiddamu nti, "Okutuuka ku lunaku lw'okununulibwa."—Omuk.] Ddala bwe kiri. Bayibuli bw'etyo bw'egamba.

110 Kaakati, oluvannyuma nga abayigirizwa bakubiddwa, n'okuduulirwa, n'okusekererwa, na buli kimu kyonna kye baabakola, baalowooza muli nti ekimala kimala ky'ekiseera beddireyokko basisinkane bannaabwe bwe baali. Leka tubikkule mu—mu Bikolwa by'Abatume essuula ey'oku 4, tulabe bwe baa . . . ekyabaawo. Kati kino kigenda eri mmwe abasangiddwa nga mwamufuna. Ebikolwa by'Abatume essuula ey'oku 4.

Kaakati, Peetero ne Yokaana baali bakubiddwa, era nga baggaliddwa ne mu kkomera, olw'okuwonya, olw'okukola olukuŋŋaana lw'okuwonyezebwa olwakolerwa wabweru ku mulyango gw'ekkanisa. Ekyo bameka abakimanyi? Waaliwo omusajja eyagalamiranga awo, eyali yalemala ebigere. Nga tasobola kutambula; era nga yali amaze emyaka amakumi ana nga ali bw'atyo. Bw'atyo Peetero n'ayitirawo. Omusajja n'amugamba . . . n'ayimusa akakopo ke, abeeko ne ky'amuteera mu kakopo ke, afune eky'okulya.

Naye Peetero yalaga nti yali mubuulizi eyajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, teyalina yadde ennusu. Yamugamba—yamugamba nti, "Ffeeza ne zaabu ssirina." Mukiraba, ebyo si bye yali ayaayaanira. Wabula yali ki—kitonde eky'olekedde Eggulu. Ha, ssinga mbadde n'obudde obumala ekyo ne nsooka nkinnyikiriza ddala okumala akaseera, olaba. Yali ayolekedde Ggulu. Yalina okubeerwa. Yalina Omwoyo. Yalina Amaanyi. Yamusemberera n'amugamba nti, "Ffeeza ne zaabu ssibirina, naye kye nnina kye nkuwa."

Omusajja ateekwa okuba yamubuuza nti, "Olina ki, ssebo?"

"Nnina okukkiriza. Waliwo kye nnina mu mutima gwange ekyatandika ennaku nga kkumi ezaakayita. Nnali waggulu eri mu kisenge ekya waggulu, amangu ago, ebisuubizo byonna Katonda bye yali yakola . . . Nnali ntambudde ne Yesu Kristo okumala emyaka esatu n'ekitundu. Nnavuba naye, ne tusika obutimba bw'ebyennyanja. Nnali nkoze ebintu bino byonna eby'enjawulo. Era nnali mmulabye nga awonya abalwadde. Na . . . Yaŋŋambanga nti, 'Kitange ali mu Nze; naye bwe Ndigenda, Alijja mu gwe.' Naye, nga ssikitegeera. Naye n'Aŋŋamba nti, 'Mu kaseera kano, ssikusuubira kukitegeera.'"

Ebintu bino tobitegeera butegeezi; wabula obyaniriza bwaniriza. Nange ssibitegeeranga. Kati temuŋŋamba nti mmwe mubitegeera; kubanga, temubitegeera. Olaba? N'olwekyo, Omwoyo Omutukuvu ssisobola kumutegeera, ssisobola kumunnyonnyola; wabula, kyokka kye mmanyi, kiri nti nnamufuna.

"Naye, naye," oyinza okuŋŋamba nti, "ekyo tosobola kukikakasa nga okozesa ssaayansi." Weewaawo, kisobokera ddala.

111 Ggwe tunuulira amataala ago. Benjamin Franklin bwe yagakola, yagamba nti, "Nkifunye." Kye yali alina yali takimanyi, naye yali akirina. Kati njagala wabeewo omuntu yenna annyinyonnyola kiki ddala amasannyalaze kye gali. Na buli kati tebamanyi kiki ddala masannyalaze ago kye gali, naye tugalina. Amiina. Bwe kiri. Teri amanyi kiki amasannyalaze kye gali. Basobola okugakozesa, ne bagaakisa amataala, ne bagookyesa ebintu, ne bagakozesa. Naye ga—gava mu jjenereeta, ebitundu bibiri bwe byetooloolera awamu bwe *bityo*. Bye

bigakola, era ky'ekyo kyokka kye bamanyi. Gajja kwakisa amataala, era galimu amaanyi munda mu go.

112 Era n'Omwoyo wa Katonda bwatyo bw'ali. Bw'oddira ekitundu ekimu, nga ekyo ye ggwe, n'ekitundu ekirala nga ye Katonda; n'obisobozesa okukolera awamu bwe *bityo,* bijja kubaako ne kye bikukolera. Ddala bwe kiri. Ajja kuvaamu Ekitangaala. Ajja kuvaamu Amaanyi. Tomanyi ky'Ali era tolimanya ky'Ali, naye bw'Omufuna otegeera nti omufunye. Ekyo kyo kikakafu. Era Wuwo yakuweebwa. Wuwo. Bwe bukakafu. Ddala bwe kiri.

Ekitangaala *ekyo* ekiva mu ttaala eyo kiraga ki? Kiraga nti waliwo obukakafu. Obukakafu obwo kye kitangaala ekyo.

Kaakati mwekkaanye kino. Kaakati, tomanyi ky'Ali.

113 Naye abantu bano baagamba nti, "Kaakati," ba... baayogera ekintu ekimu kyokka kye baali babamanyiiko nti, "tumanyi nti babuyabuya tebaasoma." Ne bano nabo "zi nnatti," endala olaba, nga Omugirimaani oli kye yagamba kye yali. Olaba? Baagamba nti, "Babuyabuya era tebaasoma. Naye baatambulanga n'Omuvubi oli, oli Omubazzi ow'emmanga eri, eyali ayitibwa Yesu, ekyo nkikukakasa, kubanga ebintu bye bagenda bakola bye bimu naye bye Yakolanga."

114 Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali, ye Yesu nga ali munda mu muvubi omubuyabuya ataasoma, mu mubazzi, oba mu mulala yenna, mu mubuulizi ataasoma, oba kyonna kyonna ky'ali. Ye muntu ayagala okubeera omubuyabuya eri ebintu by'ensi, n'akkiriza Yesu ayingire mu ye, nga ye Mwoyo wa Katonda, envumbo, era Omubeezi. Tafaayo ku bitiibwa; kyokka ky'anoonya ye Katonda.

115 Katonda bwe yali asengeka ebintu, Yagamba nti, "Mmwe mwenna Abaleevi, nnabayita ne mbafuula bakabona. Ne bali baganda bammwe bonna, abalala, ebika ekkumi n'ebibiri ne... ebika biri ebirala ekkumi n'ekimu binaabasasulanga ekimu eky'ekkumi."

"Bwe, munaakungulanga mujja kutwala ebisero bya apo mwenda, ekisero eky'ekkumi mukiyiwe erudda eno mu Baleevi. Bwe munaabanga mulunda endiga zammwe nga muzitwala gye—gye zibeera, munaalondangamu endiga ey'ekkumi. Ssifaayo oba y'enaabanga entono mu zo, oba nga y'ennene, oba nsava, oba nkapa, eyo y'enaabeeranga ey'Abaleevi.

"Kaakati, mmwe Abaleevi, bino byonna bwe munaabifunanga, nammwe, munaasasulanga ekimu ky'ekkumi, eri Mukama. Munaakolanga ekiweebwayo ekiwuubibwa, ekiwebwayo ekisitulibwa, n'ebiweebwayo ebirala eby'enjawulo. Musasulenga ekimu eky'ekkumi eri Mukama."

116 N'agamba nti, "Ggwe Musa, omugabo gwo, Nze mugabo gwo." Ha, bannange! N'agamba nti, "Nze mugabo gwo ogumatiza obulamu bwo."

Era ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali eri Ekkanisa leero. Ffeeza ne zaabu ssibirina, naye nnina Omugabo ogumatiza obulamu bwange. Aleruuya! Ku ky'obuyigirize, kyenkana n'Ekitabo kino ssisobola kukisoma, naye ggwo Omugabo ogumatiza obulamu ngulina. Ekyo kirungi. Diguli ey'okusatu, k'ebeere esookerwako yennyini nayo ssigirina; zi Ph.D ezo zonna oba zi LD, ssirina gye nnina yadde. Naye waliwo ekintu kimu kye nnina, gwe Mugabo ogumatiza obulamu. Ekyo kye kitundu kye njaayaanira. Ekyo kye kitundu Katonda ky'ayagala ofune. Bino ebirala byonna bikasuke eri, ebitiibwa n'ebirala byonna, ojje ofune Omugabo gwa Katonda ogumatiza obulamu.

117 Kubanga, byonna eby'ensi eno by'ofunye, bw'oliba ogenda olibireka wano. Naye bw'ofuna ogwo Omugabo ogumatiza obulamu, obeera mukakafu nti ddala awatali kubuusabuusa Gulikusitula ne gukwambusa. Bulijjo tubeera tusasula yinsuwa, ensangi zino, eri abo abaziraga emirambo n'okukola ku by'amaziika. Naye leka tufune Omugabo gwa Katonda ogumatiza obulamu, tufune Oyo atutwala Waggulu mu kifo ky'okwetegekera omuzirazi n'abanaakola ku by'amaziika gaffe. Omanyi, bombi waliwo emirimu gye bakola.

118 Kati leka tulabe.

. . . bwe baateebwa ne bagenda mu kibiina kyabwe, . . .

Tebadda eri bakabona. Mukiraba, ekyo kyalaga nti baali baamufuna. Tebaddayo mu kintu kiri ekikadde, ekinnyogovu, eky'emikolo obukolo, nedda; kudda mu kuwoza mbu, "Naye ddala mulabeeyo bye baatukoze!" Nedda, nedda. Baalina ekibinja eky'abantu abaabwe. Baali bawera nga kkumi na babiri, naye abo baali bamala, wadde nga baali ba lubatu bubatu.

. . . naye bwe baateebwa, . . .

Nga bamaze okubakuba n'okubatiisatiisa, n'okubakuutira nti, "Singa kabatanda ne muddamu okubatiza mu Linnya lya Yesu!" Manya, o, mbadde ntegeeza nti. . . Kale, nakyo tekirina mutawaana. Olaba? "Ke kabatanda ne muddamu okubuulira mu Linnya lya Yesu omulundi omulala, tujja kubafuna!"

119 Ne bagamba nti, "Whew, okwo nga kutiisatiisa. Leka tuddeyo eri ab'oluganda abaasigaddeyo." O, ekyo kye kisaanidde okukolebwa. Obumu bulimu amaanyi. Obumu mulimu amaanyi. Ne bagamba nti, "Leka tuddeyo eri baganda baffe tulabe kiki eky'okukola."

120 Awo bonna ne bakuŋŋaana wamu ne batandika okwogera ku ebyo ebyabatuuseeko eby'enjawulo.

. . . bwe baateebwa ne bagenda mu kibiina kyabwe, ne bategeeza byonna bye bagambiddwa bakabona abakulu n'abakadde.

Nabo bwe baawulira, ne bayimusa amaloboozi gaabwe *n'omwoyo gumu eri Katonda, . . .*

Kati muwulire bye baayogera. Mumwekkaanye, mubekkaanye, tebadda mu kuwoza mbu, "O . . ." bino na biri mbu, "Ayi, Mukama, nsaba osonyiwe . . ." Nedda. Baali baalokolebwa. Baali bajjuzibwa Omwoyo. Baalina Obulamu Obutaggwawo.

. . . bayimusa eddoboozi lyabwe . . . n'omwoyo gumu, ne bagamba nti, Mukama, ggwe Katonda, . . .

Amiina! Nkyagala nnyo ekyo, Ow'oluganda Palmer. Nkyagala nnyo.

. . . ggwe Katonda, (ekyo tukimanyi) *eyakola* eggulu, *n'ensi, n'ennyanja, n'ebirimu byonna:*

Ggwe eyayogerera mu kamwa k'omuddu wo Dawudi . . . nti, . . .

121 Kaakati mwekkaanye, ggwe ojja kukomawo odde mu kugamba nti, "Kaakati, tetuli . . ." Kati ggwe bw'ogenda odda mu kuwoza mbu, "Naye, kaakati, Mukama, sooka olindeko. Nga basussizza okunjereegerera!" Ekyo Teyagamba nti balikikola?

"Abo bonna abatambulira mu kutya Katonda mu Kristo Yesu banaayigganyizibwanga."

"Kati, omanyi, mukama wange yaŋŋambye nti k'addamu n'ansanga nga . . ." Tebaagamba nti ebyo balibyogera? "Kaakati, omanyi, bantwala ne mu mbuga z'amateeka jjuuzi, olw'Ekyo."

122 Teyagamba nti, "Mulitwalibwa mu maaso ga bakabaka n'abafuzi, olw'Erinnya Lyange. Naye temweraliikiriranga kye munaayogera, kubanga ssi mmwe muliba mwogera"? Ekyo nnakirabye nga kibaawo olunaku lw'eggulo. "Omwoyo Omutukuvu atuula mu mmwe; y'Anaayogera." Mukiraba, "Ye." Bwe kiri. Kale. "Temweraliikirira kye munaayogera."

Mukama, ggwe . . . *Ggwe eyayogerera mu . . . kamwa ka jjajjaffe Dawudi mulenzi wo nti,* Ab'amawanga *kiki ekibeesazizza akajegere, n'ebika birowoozezza* eky'obutaliimu?

Bakabaka b'ensi baasimba ennyiriri, n'abakulu . . . baakuŋŋaanira wamu ku Mukama, ne ku Kristo we.

. . . kubanga mazima baakuŋŋaana, Mukama, *ku mulenzi wo omutukuvu Yesu,* gw'ofuseeko *amafuta, Kerode ne Pontio Piraato, wamu n'ab'amawanga n'ebika bya Isiraeri, . . . ne bakuŋŋaana wamu,*

Bakole byonna omukono gwo n'okuteesa kwo bye *byalagira edda okubaawo.*

Ha, bannange! Ekyo nkyagadde. "Mukama, baabano bakolera ddala, ekyo kyennyini kye Wagamba nti kye balikola." Bayibuli egamba etya? "Mu nnaku ez'oluvannyuma, walijja abasekerezi; ab'eggume, abalulunkana, abaagala amasanyu okusinga Katonda; abatakuuma ndagaano, abawaayiriza, abatamatira, abanyooma abo abakola obulungi; nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana . . ." Tebaayambuka waggulu kufuna Maanyi: ". . . nga Omwoyo Omutukuvu amaze okubakkako." "Nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda: naye nga beegaana amaanyi gaakwo: abo obakubanga amabega." Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali. Mukiraba?

. . . ekyo *ekyalagirwa edda . . . okubaawo*.

. . . kaakano, Mukama, laba okukanga kwabwe: owe—owe abaddu bo bagume nnyo, tusobole *okwogeranga ekigambo kyo,*

Ha, ekyo nkyagadde! Tuggyeemu olugumbagumba olwo olunafu, otusseemu eggumba ly'enkizi liri eggumu. Kati mulabeeyo.

. . . tusobole *okwogeranga* ebigambo *byo*,

Bw'ogolola omukono gwo owonye; . . .

O, ow'oluganda! Ddayimooni tezifa, naye n'Omwoyo Omutukuvu tafa. Okiraba?

. . . bw'ogolola omukono gwo owonye; . . . obubonero n'amagero bikolebwenga mu linnya lya mulenzi wo omutukuvu Yesu.

Ekyali kibeesaza akajegere mukiraba, temukiraba? Ne leero bakola ekintu kye kimu, naye tekirina kalungi konna ke kikola.

Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne . . . boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.

123 Wuuu! Bannange! Ddala waliwo kye baafuna bwe baayambuka waggulu eri, si bwe kiri? Ekisuubizo kyali kigamba nti ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali, akuwe obuvumu, akuwe okubeerwa, akusibeko envumbo, akuwe akabonero kw'olabirwa. Ha, bannange!

124 Muwulirize. Ha, nnyabula ssinga tubadde n'obudde obumala, twandigenze ne Firipo nga agenda eri Abasamaliya. Mu Bikolwa by'Abatume 8:14; eri mmwe abawandiika ebyawandiikibwa. Baali bafunye essanyu eritayogerekeka, baali babadde n'okuwonyezebwa okw'amaanyi, naye nga baakoma ku kya kubatizibwa kuyingira mu Linnya lya Yesu Kristo kyokka. Kye baava batumya okuva e Yerusaalemi, babaweereze Peetero; era n'agendayo n'abassaako emikono, ne bafuna Omwoyo Omutukuvu. Ebikolwa by'Abatume 8:14.

125 Mu B'amawanga, waliwo omu eyali ayitibwa Koluneriyo. Yali musajja mulungi nnyo, yasasulanga ekimu ky'ekkumi, yazimbiranga abantu zi sinagooga, yassangamu Katonda ekitiibwa, yatyanga Katonda; nga musajja mulungi, Omupulesibeteriyani omulungi, oba Omumesodisiti, oba Omubaputisiti, oba omulala yenna, mulaba, nga musajja mulungi ddala. Naye lwali lumu, Katonda n'agamba nti, "Omusajja ono mulungi; kale ŋŋenda kubaako olukuŋŋaana gye mmusindika. Nja kutuma omubuulizi wange ono gundi agende amubuulire ebikwata ku Mwoyo Omutukuvu." Kale.

Bw'atyo omusajja n'alaba okwolesebwa, n'agambibwa nti, "Serengeta ogende e Yoppa, era ojja kusangayo omuntu ayitibwa Simooni, omuwazi w'amaliba. Era eyo gy'ojja okusanga, Simooni Peetero, mu nju ye. Mwanirize ajje eno; ajja kukubuulira ekkubo ettuufu, kubanga waliwo ekintu kye yafuna."

126 Era Peetero aba akyayimiridde awo . . . Awo Koluneriyo aba agenda okuvunnamira omubuulizi oyo. Yali . . . Naye Peetero n'amugamba nti, "Yimirira. Ndi muntu nga ggwe."

"Awo Peetero bwe yali nga akyayogera Ebigambo bino," nga bwe baddayo emabega, ku lubereberye nga . . . Ebintu bye bimu bye njogerako, nga Katonda bwe yasuubiza okufuka Omwoyo Omutukuvu. "Bwe yali nga akyayogera Ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako." Wuuu! Weewaawo. Ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'ali, eri abo be Yategekerwa. Mazima ddala. "Era bonna ne bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu."

127 Kaakati mwekkaanye mu Abaefeso, waaliwo ow'oluganda Omubaputisiti. Okusooka yali munnamateeka, nga musajja omugezi, omwogi, eyali amanyi obulungi amateeka; omusajja ow'ekitalo, omuyivu. Lumu bwe yali asoma Bayibuli, n'akiraba nti waliwo eyali ayitibwa Masiya eyali ow'okujja. Era ekyo bwe yakiraba, oluvannyuma n'atandika okuwulira ebikwata ku Yesu ono, n'agamba nti, "Mmatidde. Era njatula mu lwatu nga nzikiriza nti Yesu ye Kristo, Omwana wa Katonda." Yali Mubaputisiti yennyini. Wuuno n'agenda nga ayatula nti, "Njatula mu lwatu nti Yesu ye Kristo." N'akikola lunye okutuusa Katonda bwe yamuyita mu buweereza. Katonda bulijjo ajja kwogera eri omutima ogw'amazima.

128 Kati emmanga eyo waaliyo omukozi wa weema eyayitibwanga Akula ne Pulisikira, abaali omwami n'omukyala. Baali bakozi ba weema. Ebikolwa by'Abatume essuula ey'e 18, y'eboogerako. Pawulo, baali mikwano gye. Baali baafuna Omwoyo Omutukuvu nga bassibwako emikono gya Pawulo n'okuyigiriza kwe.

Ne bawulira nti eruuyi eri waaliyo olukuŋŋaana, bwe batyo ne bagendayo. Abaaliwo baali bawera nga kkumi bokka oba kkumi na babiri. Bwatyo n'agendayo yeerabireko n'agage,

era n'awulira omubuulizi ono nga abuulira, n'obwesimbu bw'omutima gwe. N'agamba nti, "Naye omanyi, nzikiriza nga Amazima ajja kugawuliriza."

Kati olukuŋŋaana bwe lwaggwa, n'amuyita boogeremu emabega wa weema, N'amugamba nti, "Labayo, tulina ow'oluganda muwanvuyirivu bw'ati, Muyudaaya alina ennyindo eyeewetamu nga eddobo, naye, bw'anaaba azzeeko erudda eno, ajja kubaako ne by'akuyigiriza mu Kigambo kya Katonda, mu ngeri ennambulukufu." Kati, bwe waayita akaseera . . .

129 Mu kiseera kye kimu ekyo Pawulo yali mu kkomera. Ekyo nga kyandibadde kifo kibi nnyo eri omubuulizi atambula n'omulembe okubeeramu, si bwe kiri? Naye yali mu kkomera, ate nga Mukama ye yali yamutwalayo. Kati oluvannyuma nga ekikankano kya musisi kimaze okubaawo, ekyanyeenya ekkomera ne ligwa ku ttaka, yatwala omuserikale w'ekkomera n'abenju ye bonna n'ababatiza, mu Linnya lya Mukama waffe Yesu, n'avaayo, n'ajja erudda eno.

Era yali yaakagoba omwoyo omubi okuva mu kawala, akaali emmanga eyo nga kalagula abantu. Era, mu kiseera ekyo, baali bakakolamu ssente nnyingi nnyo, ate ye pulaani yaabwe n'ajja n'agyanika mu lujjudde, bwe batyo ne bamukasuka mu kkomera olw'ekyo. Naye Katonda ekkomera n'aliyuuguumya ne ligwa ku ttaka, kubanga Yalinayo ekibinja ky'abantu abawererako ddala mu kitundu ekyo abaali bateekwa okuwulira Amazima. Ekigambo kya Katonda tosobola kukisiba. Waliwo . . . Ka kibe kiki, tosobola. Tosobolerako ddala.

130 Bw'atyo n'atuuka erudda eno omusajja ono gye yali. Era Akula ne Pulisikira, ob'olyawo baalinawokko ku bu sandiwiici. Era amangu ddala nga baakamala okulya bu sandiwiici, ne bagamba nti, "Kati leka tugende mu nkuŋŋaana."

Pawulo n'atuula emabega wali n'akwata ku munagiro gwe, n'awuliriza omubuulizi ono Omubaputisiti bw'abuulira.

N'agamba nti, "Ky'obuulira, kirungi nnyo, naye waliwo Kino ekyeyongerako." N'amugamba nti, "Waliwo kye njagala okukubuuza, Dokita Apollo. Wali ofunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde okkiriza?"

"Ha," n'agamba nti, "ffe tubadde tetumanyi nti n'okubaayo gy'ali. Otegeeza ki, bw'ogamba 'Omwoyo Omutukuvu'? Ffe tuli Babaputisiti."

N'amubuuza nti, "Omanyidde ku ki nti muli Bababutisiti?" Olaba?

"Ffe, twabatizibwa. Kye tumanyi kyokka kwe kubatiza kwa Yokaana."

N'amugamba nti, "Oyo yabatizanga bubatiza olw'okwenenya, nga agamba nti 'mukkirize oyo Ajja,' nga oyo ye Yesu Kristo."

Era ebyo bwe yabiwulira, ne baddamu ne babatizibwa, mu Linnya lya Yesu Kristo. Bw'atyo Pawulo n'abassaako emikono, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako, ne boogera mu nnimi n'okulagula ne balagula. Yagamba nti, "eri buli yenna."

131 Kaakati, kaakati, tukikola tutya? Waliwo kye njagala okubabuulira, olwo . . . Tuggalewo, kubanga, kati ziri, nnabagambye nti nja kubata nga bukyali. Kati mutegedde Omwoyo Omutukuvu ky'ali. Okubawaayo Ekyawandiikibwa ekisembayo ekiro kino . . . Nkyalinawo ebirala bingi bye nkyasigazza, naye tugenda kubyerekereza. Leka tubikkule mu Abakkolinso Ekisooka 12. Era tugenda kusoma kino, oluvannyuma tu—tuggalewo. Kale. Abakkolinso Ekisooka, essuula ey'e 12.

Bameka abakkiriza enjigiriza y'Omutukuvu Pawulo? Ddala! Yagamba, mu Abaggalatiya 1:8 nti, "Ne bw'aba Malayika ssinga ayigiriza ekyawukana ku kye yayigiriza, leka akolimirwe," kati ate olwo omubuulizi. "Ne bw'aba Malayika avudde mu Ggulu ssinga ajja n'ayigiriza ebyawukana ku bye yayigiriza, leka akolimirwe." Okiraba, tobyesembereza yadde.

132 Kaakati mwekkaanye kino, Abakkolinso Ekisooka 12. Bameka—bameka abakimanyi nti tuteekwa kubeera mu Kristo okusobola okwetaba mu kuzuukira, kubanga Omubiri Gwe Katonda gwe yasuubiza okuzuukiza? Tewali ngeri ndala yonna. Tewali ngeri ndala yonna, bw'oba ebweru wa Kristo.

Osobola okulaba bino *wano* eno n'omukkiriza, n'ogamba nti, "Ddala, mmukkiriza. Ye Mwana wa Katonda." Ekyo kirungi, muganda wange, ndi mwetegefu okukuyozaayoza bw'oyogera bw'otyo. "Mmukkiriza. Mmwatula nga Omulokozi wange." Ekyo kirungi, naye awo obeera tonnayingira mu Ye. "Nja kukwatako mu ngalo z'omubuulizi. Nja kwenenya ebibi byange." Ebyo ojja kubikola naye era nga tonnayingira mu Ye.

133 Kati mwekkaanye, mulabe Pawulo kye yayogera, ngeri ki gy'oyingira mu Kristo. Onategeererwa ku ki nti wakomolebwa? Ibulayimu, yaweebwa akabonero kw'ategeererwa. Kati muwulire kino, Abakkolinso Ekisooka, essuula ey'e 12, era leka tutandikire ku lunyiriri olw'e 12.

> *Kuba omubiri nga bwe guli ogumu,* nga gulina *ebitundu ebingi, n'ebitundu . . . byonna eby'omubiri, newankubadde nga bingi, gwe mubiri gumu: era ne Kristo bw'atyo*. (Teyeeyawuddeemu. "Ali Omu!")

Muwulirize. "Kubanga okuyita mu kkanisa emu"? Bameka abasoma nga bangoberera? "Okuyita mu kukwata mu ngalo kumu"? "Okuyita mu mazzi ge gamu?" Nedda. Kati ekyo kitegeeza waliwo omukyamu.

"Okuyita mu Mwoyo omu!" Eyo nnyukuta nnene? Kati kitegeeza oyo, "Mwoyo Omutukuvu," bw'eba nga nnyukuta nnene. Olaba?

> *. . . mu Mwoyo omu fenna twabatizibwa okuyingira mu mubiri gumu, oba Bayudaaya oba Bayonaani, oba baddu oba ba ddembe; fenna ne tunywesebwa mu Mwoyo omu.*

134 Omubiri gwa Kristo guli Omwoyo gumu, nga okuviira ddala ku Pentekoote okutuusa kaakano, bazzenga banywa okuva ku Nviinyo y'emu ensu, ku Mwoyo Omutukuvu y'omu, era nga avaamu ebivaamu bye bimu. Tukikola tutya? "Kuyita mu Mwoyo omu."

Ye luggi lwa Katonda oluggule, Omwoyo Omutukuvu. Ye kiki? Ye luggi lwa Katonda oluggule. Ye kabonero akakwawula. Ye nvumbo. Ye Mubeezi. Ye Muwolereza. Ye bukakafu. Ye kiwummulo. Ye mirembe. Ye bulungi. Ye kuwonyezebwa. Ye Bulamu. Ye—Ye luggi lwa Katonda oluggule olukutuusa ku bintu bino byonna. Ye luggi lwa Katonda oluggule oluyingira mu Kristo, eya . . .

Katonda yakakasa nti Yazuukiza Yesu okuva mu bafu, era n'abo bonna abaafiira mu Kristo Katonda alibakomyawo wamu Naye mu kuzuukira. "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu oyo eyabateesaako akabonero okuyingira mu Kristo okutuusa ku lunaku olw'okununulibwa kwammwe." Wuuu! Ekyo bameka abakikkiriza?

135 Kristo kye kiki? Omwoyo Omutukuvu kye kiki? Si kye kintu abantu kye basekerera. Weewaawo kintu abantu kye basekerera; naye eri omukkiriza, si ky'ali.

Eri atali mukkiriza! Nnyabula ssinga mbadde ne wiiki nga bbiri oba ssatu nnambirira, nnadikozesezza akawungeezi k'olwenkya ne mbabuulira biki by'Ali eri oyo atali mukkiriza. Naye leka mbiyiteeyitemu, mu kaseera katono ddala. Ye kisekererwa. Ye kyambika. Ye kyesittaza. Ye kufa. Ye kwawulibwa okuva ku Katonda emirembe Egitaggwawo. Okulowooza obulowooza ku biki by'Ali eri oyo atali mukkiriza kinsukkako!

136 Mujjukire nti, enkuba y'emu atali mukkiriza gye yasekerera, y'enkuba y'emu eyataasa obulamu bwa Nuuwa n'obwa famire ye. Mukiraba? Omwoyo y'omu, Omwoyo Omutukuvu abantu gwe basekerera ne babuyita "obuzoole, n'ekibinja ky'abaasumulukuka nnatti, Oyo kubeera kugwa ddalu," Ye kintu kye kimu ekirikwakkula Ekkanisa ne Kigitwala mu Kukwakkulibwa mu nnaku ez'oluvannyuma; ne kireeta omusango ku batakkiriza. Ddala bwe kiri. Omwoyo Omutukuvu ekyo ky'ali.

137 Balina omukisa abo . . . Kino leka nkyogere mu bwesimbu bw'omutima gwange. Balina omukisa abo abalumwa enjala n'ennyonta ku lw'Omwoyo Omutukuvu, kubanga balijjuzibwa.

138 Akawungeezi k'olw'enkya tujja kwogera ku ngeri ki, na biki by'Akola nga Azze.

139 Kati, bameka abali wano nga oyagala okufuna Omwoyo Omutukuvu, era nga oyagala wabeewo akusabira, osobole okulaba Omusana?

Kati otegedde "ky'Ali."

Kaakati, akawungeezi k'olw'enkya, tujja kwogera ku, "biki by'Akola."

140 Ate akawungeezi akaddako, twogere ku, "ngeri y'okumufunamu." Ekyo bwe tunaakimala tuyite abantu, tubeere n'abantu wano baluŋŋamizibwe ku kiki eky'okukola, bwe bava awo bayingire mu bisenge eyo basigaleyo, ne bwe kiba kyetaagisa okuyita mu nnaku za Ssekukkulu nga bali eyo, ddala bwe kiri, okutuusa nga Omwoyo Omutukuvu azze. Tugenda kumunoonya nga tuli baggufu ba bwongo, nga tusinziira ku musingi gwa Bayibuli. Tugenda kumunoonya era tumufune ddala nga Katonda bwe yamusuubiza, era nga bwe Yakka mu kusooka. Eyo y'engeri gye tuli wano okukikolamu. Nja . . . Si nsonga ekintu ekirala kyonna ne bwe kyogera kiki kyonna, tuli . . .

Ekigambo kya Katonda . . . kye kirina enkizo mu mutima gwange. Ekyo bwe kiri. Era njagala nfune ekyo Katonda ky'antegekedde. Bwe wabaawo ekintu ekirala kyonna, ggula Eggulu, ayi Mukama, kubanga o—omutima gwange gugguddwawo gukirindiridde. Ekyo bwe kiri.

141 Bameka abamwagala? Kati yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Nsabira." Kaakano, nga emikono gyammwe, mukyagiyimusizza.

Kitaffe ow'omu Ggulu, tuyigirizza okumala ekiseera kiwanvu nnyo. Naye Omwoyo Wo waali wano. Mu kaseera kano waliwo emikono egiyimusiddwa waggulu mu bbanga. Era bamanyi kiki ky'Ali, bamanyi Omwoyo Omutukuvu ky'ategeeza. Nsaba, ayi Katonda, nti nga olukuŋŋaana luno terunnaggwa, nti buli mukono oguli waggulu gunaayimusibwa nga bagamba nti bamufunye. Kituwe, Mukama.

142 Tubasabira. Tukusaba Obawe omukisa, era obawe okuyaayaana kw'emitima gyabwe. Tunuulira emikono gyabwe, ayi Mukama. Bakwagala. Bamwetaaga. Bakimanyi nti tebasobola kugenda . . . Enkya akawungeezi, bw'Onannyamba, ayi Mukama, tusobola okukikakasa mu Byawandiikibwa nti tebalisobola kugenda mu Kukwakkulibwa nga tebamulina. N'olwekyo nkusaba, ayi Kitaffe, Obawe okulumwa enjala n'ennyonta, basobole okujjuzibwa. Kaakano mbawaayo gy'Oli, ayi Kitaffe. Era, emikisa gino gibawe, nga bwe tukisaba mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Mmwagala, Mmwagala
Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

143 Kino leka nkyogere nga tetunnaddamu kuyimba. Njagala mbeeko n'ekibinja ky'abaweereza be nsisinkana mu kasenge wali eri, ku Lw'okutaano akawungeezi, nga olukuŋŋaana terunnatandika, mukiraba, ku Lw'okutaano akawungeezi. Ndi . . .

Kye ngezaako okukola mukiraba? Kulaga kiki ky'Ali, ne ngeri ki ey'Okumufunamu ne biki by'olina okussaamu ekitiibwa; kibeere nti temujja nga temutegeera kye mukola, nga mutomera butomezi. Eyo y'ensonga lwaki sibagambye kumunoonya kiro kino. Njagala mutegeere ky'Ali. Ye kisuubizo. Ye nvumbo. Ye Mubeezi. Ye birala byonna.

Kati, enkya akawungeezi n'akawungeezi k'olunaku oluddako, olwo tulyoke tutandike okumunoonya, okuva awo okweyongerayo, okutuusa lw'Anajja. Sifaayo kinaatwala bbanga ki; tujja kulinda okutuusa nga azze. Longoosa omutima gwo. Talimujjuza mu mutima gutali mulongoofu. Wetereeze, beera mwetegefu, naye Anaamukuwa.

Mmwagala, mmwagala

Leka tuyimuse emikono gyaffe kaakati.

Kubanga Ye yasooka okunjagala
N'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Omusumba yaakaŋŋamba, era tukkiriziganya naye, nti akawungeezi k'olw'enkya tujja kutandika ku ssaawa emu mu kifo kya emu n'ekitundu. Era ekyo kijja kunsobozesa okubata ku bbiri kitundu mu kifo ky'essatu ekitundu. Ku ssaawa emu n'ekitu-. . . Ku ssaawa emu ey'akawungeezi, akawungeezi k'olw'enkya, okuyimba kujja kuba kutandika. Nze nja kuba ntandika okubuulira Obubaka bwange ku ssaawa emu n'ekitundu.

Mmwagala,

Leka tuggyeyo obutambaala bwaffe tubumuwuubire.

Mmwagala

Mmenyawo enkola ey'emikolo obukolo!

Kubanga Ye yasooka okunjagala
Era n'asasulira obulokozi bwange
Ku muti gw'e Kalivaaliyo.

Kale, kaakano eri omusumba wammwe, Ow'oluganda Neville.

Omwoyo Omutukuvu Kye Kiki? LUG59-1216

(What Is The Holy Ghost?)

Obubaka Bw'okuyigiriza ku Mwoyo Omutukuvu obuddiŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwokusatu akawungeezi, nga 16 Ddesemba, 1959, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2023 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org